

OBUFUMBO BUWEEREZA MU BITUNDU  
**OKWAGALA KYEKI?**  
EKITABO EKY'OKUJJUZAMU

**OMUZINGO 2**

“Kale mugende, mufuule abantu b'amawanga gonna abayigirizwa, nga mubabatiza okuyingira mu linnya lya Kitaffe n'Omwana n'Omwoyo Omutukuvu; nga mubayigiriza okukwata byonna bye nnabalagira mmwe. Era, laba, nze ndi wamu nammwe ennaku zonna, okutuusa emirembe gino lwe giriggwaawo” (Matayo 28:19–20).

## Craig Caster

Okwagala kyeki Muzingo gwa 2 Mu bufumbo buwereeza mubitundu

### **Emitwe Emirala Mubwereeza Bwo'bufumbo Mubitundu.**

Omusingi ogw'amaanyi (Omuzingo 2)  
Ebyetaago eby'engyawulo (Omuzingo 3)  
Ekutukkiriza ebirabwako (Omuzingo 4)  
Obukulembeze obw'obwa Katonda (Omuzingo 5)  
Okulunŋjamy kw'omukulembeeze.

### **Obutabo Bwe Mirimu Obulala Obwa FDM World.**

*Omusingi gw'omukristayo ogw'amazima: Omusingi ogw'amaanyi eri omuyigirizwa aka Craig  
caster*

*Okukuza abaana buwereza mu mubitundu aka Craig caster.  
Okutegeera abavubuuka aka Craig caster.*

Bwona obutabo bwe mirimu obwa FDM. World busembedwa eri okusomebwa okwa sekinomu, ebibinja ebitono as ekikozesebwa mubuyigirizwa, ne mukuwaburwa.

**Kino Kikulu:** Amabanga age'mpapuula okuva mukatabo ke emirimu akasooka gagidwamu.

Enamba ezempapuula ezimu zandiba zibukidwamu ku lwe nsonga eno.

# **Okwagala Kyeki.**

Obufumbo Buweereza Mubitundu

Omuzingo 2

Craig Caster

Kale mugende, mufuule amawanga gonna abayigirizwa, nga mubabatiza okuyingira mu linnya lya Kitaffe n'Omwana n'Omwoyo Omutukuvu; nga mubayigiriza okukwata byonna bye nnabalagira mmwe: era, laba, nze ndi wamu nammwe ennaku zonna, okutuusa emirembe gino lwe giriggwaawo. (Matayo 28:19-20).

Okwagala Kyeki?

# OBUWEREZA MUKUYIGIRIZIBWA KW'AMAKKA

Esimu: (619) 590-1901

Eyayilo: info@FDM.world

Website: www.FDM.World, www.discipleshipworkbooks.com

*Okwagala kyeki, katabo ake'mirimu mubuweereza, edoboosi 2, aka Craig  
caster.*

*ISBN 978-1-7331045-1-7*

Okukubisa ne nkola eya kali magezi obwananyini 2019 bwa Craig caster. Obwananyini bwona busigalizidwa.

01052021

Okugyako mungeri endala ewandikidwa, byonna ebyawandikibwa bigidwa okuva mu nkola empya eya king James version. Obwananyini 1982 bya Thoma Nelson. Bikozezedwa awali olukuusa. Obwananyini bwona busigalizidwa.

Ebyawandikibwa ebilabidwa na kabonera NASB bigidwa mu New American standard Bible obwananyini 1960,1962,1963,1968,1971,1972,1973,1975,1977,19995 bya musinji gwa Lock man. Bikozezedwa awali olukuusa.

Ebyawandikibwa ebilambidwa ne NIV bigidwa okuva mu Baibuli entukuvu, New international Version. NIV obwananyini 1973,1978,1984,2011 bya Biblica. Bikozezedwa awali olukosa. Obwananyini bwona busigalizidwa ensi yonna.

Awatali kukoma kulukusa lwa bwa nanyini obusigalizidwa wagulu, tewali kitundu kukufulumya kuno - newankubade mu bukubisibwa oba munkola eya e-book, oba ekintu kyona ekikubisidwa ekyawukana - kyandi nadamu Okufulumizibwa, okuterekebwa munda oba nekyanjulibwa mu mutendeera ogwo'kukiza oba nekisindikibwa, mu ngeri yona oba mungeri zonna (mubyamasanyalaze, ebyuma, okwokesamu, okukwata a maloboosi oba nengeri endaala) awatali lukuusa luwandiika.

## Ebirimu

Etandikwa.....	6
Enyanjula.....	8
Esomo 1: Okwagala Okw'omu Baibuli.....	11
Esomo 2: Okwanukula Mu Kwagala. ....	21
Esomo 3: Beera Wakisa.....	32
Esomo 4: Gulumiza Katonda, So Si Mibiri Gyaffe.....	43
Esomo 5: Tunulira Amazima, So Si Ekibi. ....	53
Ebyongerezeddwako Eby'okukozesa .....	63
Ekyongerezeddwako R: Enkuluze .....	100
Ebisembayo .....	106

## Etandikwa

Katonda yatonda ekitongole kyetuyita obufumbo, era kilumbidwa bubi nnyo. Ebigambo ebyo biyinza okuwulikika nga sibyalijjo gy'oli, naye embeera z'obulamu embi ennyo ezirabikako, zisibuka munkolagana wakati w'omwami n'omukyala. Abagalana nga bamaze okufumbiriganwa, buli omu atandika okwekwata kw'ebyo by'ayagala era byayayanira. Ebiseera nga biyiseewo, ebizibu bisigala nga tebisaliddwa magezi, era okunakuwala, okunyiga, n'obusungu, bireeta okulumwa, ekiviiramu okwekyawa n'okuwoleera. Abantu ababiri bwebayingira mu bufumbo obutukuvu n'essubi ng'eryo, n'ebiruubirirwa ebirungi, lwaki obufumbo bungi bulemererwa? Mungeri y'emu, lwaki abagalana bangi batebenkedde munkolagana ezitamaliza?

Ekitabo kino kiweebwayo eri Katonda n'okwagala kwe eri buli mufumbo okufuna emikisa gye yali ayagala mu bufumbo. Abantu babiri bwe beegatta ng'omwami n'omukyala nga tebatendekeddwa mu nonno za Katonda, era emirundi mingi nga tebalina byakulabirako bya Katonda okuva mu biseera byabwe eby'emabega, mu bwesimbu tebamanyi ngeri gye bayinza kulabiriramu bannaabwe. Biyinza okuleeta obulumi obw'emabega n'obuzibu obw'amaanyi obweyongera. Okuyitira mu kitabo kino, Katonda ajja kubikkula amazima agataliiko kuteesa agateekwa okugobererwa, oba ebinaavaamu bijja kuba okuggwaamu amaanyi n'okwekyawa. Mu bufunze, obulumi bungi.

Ebyo okubala bilaga nti obufumbo bungi wakati mu bakristayo bukomekereza mu kwawuukana. Nga abaana ba katonda era abasiika be bisuubizo bye byona, lwaki abakiriza baremererwa? Ekizibu kiri nti okubulwa okumanya, okubulwa okuyigirizibwa mu nonnoz z'ebyawandikibwa. Ekyenaku, ekanisa teri kuteekamu manyi gamala mu kitundu kino okukyuusa ekyo ekiri okwera abangi wansi mukubo elyo okusanyizibwawo. Abafumbo bali mubwetavu obw'amaanyi obw'okusomebwa ebyawandikibwa, okubeera nga bayigirizibwa abalala mu mazima ga katonda. Abakiriza bwebayiga biki katonda by'ayagala ne basalawo okumugoberera nga abayigirizwa ba kristo, bagya kufuna ekisa namanyi okuwangula ekizibu kyona.

Katonda ayagala okweraga nti wa maanyi ku lwaffe era ayagala tumugulumize mu bufumbo bwaffe. Naye naffe tuteekwa okuba nga twagala. Tukimanyi nti obufumbo bukulu nnyo eri Katonda, naye Abakristaayo abasinga obungi oluvannyuma lw'emyaka kkumi mu bufumbo bakyawulira nti tebasobola kuyigiriza balala. Lowooza ku muntu eyali amaze emyaka kkumi ng'akola omulimu. Bayinza okuba nga bekakasa bulungi nti basobola okutendeka omuntu omulala. Era Katonda afaayo nnyo ku ngeri gye tulabiriramu bannaffe okusinga emirimu gyaffe.

Bw'onoomala ebituntu bino mu mbeera ey'okusaba, Katonda ajja kukubulira ekigendererwa kye ng'omwami n'omukyala. Ebintu byonna byesigamiziddwa ku mazima ga Baibuli. Ebitabo eby'okukozesa n'okujjuzamu bijja kukukulembera n'Ebyawandiikibwa n'okukuwa ebyokulabirako eby'omugaso ebinaakuyamba okussa mu nkola enonno z'oyiga. Ate era ebitundu bino bigendereddwaamu okuyigiriza abalala. Bw'oggulawo amaaso go olw'engeri ey'ekitalo Katonda gy'akyusaamu obulamu bwo, ojja kulaba ng'abalala bangi nabo beetaaga obuyambi.

*Mukama katonda, webale kutulaga mutima gwo n'okwagala kwo jetuli okuyita mu kigambo kyo. Nkusaba owe omukisa abo abayita mu kitabo kino. Babikulire enono era bazitegere bulungi. Bawe emitima egy'obuwombeefu basonyiwe abo ababakosezza n'okwagala okusonyiyibwa abo be balumiza. Katonda, gulumizibwa mu bufumbo bw'abo abaagala okukugoberera. Amiina.*

## Enyanjula.

Akatabo kano kakoledwa okkulunganyama mukuyigirizibwa, ekitegeeza okutambulira mu nnono za katonda. Bwe tukozeza ebigambo nga okutambula, tusuubira nti okitegeera nti okubeera wansi w'ennono zino kikulu nnyo ng'okuyiga okutambula.

Bino by'ebiruubirirwa by'ekitabo kyaffe eky'okujjuzamu:

1. Okukulaga nti Katonda atuwa ennono z'obufumbo.
2. Okutegeka obeere nebikozesebwa n'okuteeka mu nkola ennono zino, era
3. Okulunganyama obufumbo bwo n'ab'omu maka go mu kusonyiwa, okuwonya, n'okuba obumu okuyitira mu buwulize eri Katonda.

Obuwereza mukuyigirizibwa kw'amakka obwa Famire discipleship ministries buliwo okuyamba mu kusomesa omubiri gwa Kristo mu bintu ebikulu, okulemererwa okuyigiriza abalala kikwatagana buterevu nokulemererwa mu bufumbo ensangi zino. Era tumanya tutya kino? Olwebyo byetulabye, byetuyiseemu, n'ebyo bye tuzudde mu miwendo egikakasiddwa leero.

## Omutendera

Essomo lyawuddwamu emirundi ettaano. Tutandika n'omuzingo ogusooka netweyongerayo nemizingo emilala nga bwegiddiringana. Gwe okubuuka emizingo egimu notagisoma kubanga tojagadde kiba kikemo gyoli era tekiba kirungi kubanga buli ssomo lilina kyelikuyigiriza era lizimbidwa ku linalyo. Okugeza wandiyagadde okumanya ebyetaago byomwami oba omukyala byeyegomba, naye waliwo ennono zebyawandikibwa eziyamba omuntu okuyiga nga tonaba kumanya nyo mwagalwawo byayagala mu nkola ey'obwakatonda.

Fuba okumaliriza omusomo gumu buli lunaku okumala ennaku ttaano. Okusobola okuyiga obulungi buli lunaku kikulu nnyo mu by'omwoyo.

Ennono zino zigezeseddwa era nezikakasibwa bulungi. Nzikozesezza mu bufumbo bwange era nyambye bangi nga nzisomesa emirundi mingi nga mpabula abafumbo n'okusomesa mu bibiina. Tegeera kino nti kano si katabo "*ak'ebintu bitaano ebyangu okukola mu bufumbo.*" Okubeera omuyigirizwa wa Baibuli mulimu muzibu era kyetaagisa okwewaayo eri Katonda by'ayagala nga bw'okyusa ezimu ku ndowooza zo n'enneeyisa yo. Ekyo kijja kwetaagisa okwewaayo, okwefiiriza, n'obwetoowaze.



## Okutandika buli lunaku:

- Tunuulira buli kusoma kwa buli lunaku ng'ekiseera ky'omala ne Katonda wo, era Musuubire okwogera naawe okuyitira mu Kigambo Kye.
- Olunaku lutandiike ne saala, osabe mukama akulage wa wolina okukyusamu era akuwe n'amaanyi okuteeka mu nkola by'oyize.
- Fumiitiriza. Toyanguyiriza kuyita mu bintu ogambe nti omalirizza. Katonda muwe obudde okwogera naawe, era fumiitiriza ku ebyo bye muyiga.

## Ebintu by'Oolina Okumanya:

- Okusoma kuno kintu kipya mu byokola era kijja kwetaagisa okiwa obudde. Eby'okuyiga birina okukolebwa buli lunaku. Bw'osubwa olunaku, tobuuka mpapula, wabula fuba okumaliriza byonna by'osoma mu ntegeka y'abyo.
- Ebyawandiikibwa biraga bulungi nti obufumbo bukulu nnyo eri Katonda. Bw'oba ng'olina obuzibu okumaliriza eby'okuyiga, sabira entegekazo n'ebintu ebirala by'olina okukola. Saba omuntu okusaba nawe bwe kiba kyetaagisa.
- Jjukira nti omwagalwawo wa mugaso nnyo mu kufuba kuno. Muyige wamu oba mu ngeri ey'enjawulo, buli kiseera mukubaganye ebirowoozo naye ku ebyo bye muyize era musabe mukole enkyukakyuka zonna eziba zeetaagisa.
- Eby'okuyiga biyinda okwawukana ku bungu bw'ebiweereddwa. Oluvannyuma lw'okumaliriza buli ssomo, tunula mu ky'okuyiga ekiddako osobole okuteekateeka obudde bwo ne Katonda, ofunemu ekisinga obulungi.
- Ekifo kiweebwa okuddamu ebibuuzo n'okuwandiika ebirowoozo byo n'okusaba. Bw'oba ofunye ekitabo kino ekyokujjuzamu okuva kuyintaneti n'okiprintinga, tukuwa amagezi okukinyeza n'obuuma busaatu obwa binding n'oteekamu empapula endala zonawandikamu obuwandiike bwo.

## OKUSIMA EBUZIBA

Ekitundu kino kiwa akakisa okusoma Ebyawandiikibwa n'okubikwataganya n'ensonga eyogerwako. Ojja kweyongera okumanya Baibuli, ennono za Baibuli ezikwata ku bufumbo, n'ekyo Katonda ky'akusuubiramu ng'oli mufumbo.

### Okwekebera

Bw'oba osoma ennono za Baibuli, ekitundu kino kikuwa obudde okwekebera, okuzuula ebifo ebyetaagisa okulongoosaamu. Ekifo kiweebwa okuwandikaamu olukalala lw'ebyo byoyize, okwatula kwo, n'okusaba amaanyi

### FAYIRO Y'AMAZIMA

Obubokisi nga buno, buwa ennyinnyonyola y'ebigambo oba ebigambo ebiva mu Baibuli. Tufaayo nnyo okukozesa enkuluze za Bayibuli ezimanyikiddwa ennyo, ez'eddiini, ennungi n'eby'okuddamu okusobola okutegeera obulungi ebyogerwako bwe kiba kisoboka. Bingi ku binnyonyola bino biri mu Ekyongerezeddwako R: *Enkuluze.*

n'amagezi okukola enkyukakyuka ezo. Ekimu ku bintu ebiyinza okubaawo ng'omuyigirizwa kwe kuwa embalira ey'obwassekinonu. Katonda bw'akuraga nti wasobya omwagalwawo oba abaana bo, kkiriza ekibi kyo obasabe okusonyiyibwa. Kino kikole buli kiseera ne bwe kiba nga tekimanyikiddwa.

## **Enteekateeka y'Okukola**

Oluvannyuma lw'okusoma ennono za Baibuli, ekitundu kino kikusoomooza okubaako ky'okolawo n'okussa mu nkola by'oyize mu bufumbo bwammwe. Okusobola okubeera abayigirizwa ab'amazima tuteekwa okutegeera nti Katonda takoma ku kwagala nti ffe tweyongere mu kumanya, naye era atulagira okutambulira mwebyo bye tumaanyi.

## **Ebikozesebwa Ebyongerezedwaako**

Nkusaba okozese ebintu ebikozesebwa ebiri ku nkomerero y'ekitabo. Biriwo kulwo'kukula kwo, era tubyoogerako mu bitabo byonna eby'okujjuzamu. Nga tonnatandika lugendo luno olulungi, jjuza *Ekyongerezedwako A: Ebbaluwa ey'Okwewayaya* (omuzingo 1).

## **Okulungamizibwa kw'Omukulembeze**

Akatabo k'*okulungamizibwa* kw'omukulembeze kasangibwa ku FDM.world wansi wa *Free Ministry Downloads* nga kitegeza nti osobola okawanula okuva ku *intaneeti kubwereere*. Ebintu byonna ku mukutu gwaffe ogwa Intaneeti biteeka essira ku kuyigirizibwa era biweebwa ku bwereere.

## Esomo 1: Okwagala Okw'omu Baibuli

Kiki ekisinga okuba nga ky'etagibwa omwami oba omukyala? Tukimanyi nti abaami n'abakyala bangyawulo nyo mu newulira ne mu butonde, naye fena tusobola okukkiriziganya nti buli omu yetaaga omukwano n'okwagalibwa? Ekyetago ekisinga eri abagalana – abaami n'abakyala buli omu kyeyetaaga kumune – gwe mukwano. Kino bwekiba nga kitufu, era nga n'obwetavu bweraga bwoka, lwaki tintera okugaana okugaba n'okufuna okwagala? Eno y'ensonga enkulu eviirako enkolagana elemererwa n'obufumbo okukomekereza nga bw'awukanye. Ekigambo kya Katonda kirina eby'okuddamu n'okugonjoola ekizibu kino. Katonda alina bingi by'ayogera ku mbeera eno esobera ate nga y'akitalo abantu gye beetaagaamu okufuna okwagala.

Bangi balowooza nti omukwano gwabwe guweddewo olw'okwagala kwe baalina edda, oba kwe banoonya, okukendeera oba okulabika ng'okuweddewo. Olw'okuba balowooza nti endowooza eno y'esobozesa omuntu okutuukirizibwa, basalawo nti waliwo ekikyamu ekitasobola kutereezebwa. Omuwendo gw'abafumbo ab'awukana mu kiseera kino gukakasa ensonga eno. Abantu bano be bamu be boonona enkolagana yaabwe mu butamanya olwe enneeyisa yabwe, endowooza awamu n'empisa embi.

Ekyawukana ku kwagala kwe kukyawa. Omuntu bw'akola ekintu ekyawukana ku ekyo Ekigambo kya Katonda kye kituyigiriza ku kwagala, ebivaamu biyinda okwonoona obufumbo n'emirembe egy'omu maaso. Ekintu ekitera okutuleetera okubuzaabuzibwa n'okunnya kwe kuyayana kwaffe era okuli mu buli omu okw'okufuna okwagala ffenna kwe tulowooza nti kusoboka, oba kwe tulowooza nti kwetaagisa. Okulemererwa kwaffe okusinga obungi kuva ku butamanya, obutategeezebwa oba obutayigirizibwa ku nonno za Baibuli ezikwata ku kwagala n'engeri y'okufunamu ekisa okutambulira mu kwagala okwo mu bufumbo.

Okusoma kuno kusinziride ku kigambo kyakatonda, n'okukiriza nti Katonda ye mutonzi ow'obufumbo era yensibuuko yo bubaka bwona, amaanyi n'ekisa bye twetaaga okuwangula. Katutandiike okusoma kuno nesaala gyali okubikula emitima gyaffe n'ebirowoozo.

*Kitaffe, webale kulw'ekigambo kyo, ekijjudde amagezi n'endagiriro, ekituyigiriza engeri y'okuyisaamu bannaffe n'okutegeera obulungi okwagala kye kitegeeza n'ekye kitali. Nsaba Omwoyo wo onkundaga wetubadde tetambulira mu kwagala. Tuwe emitima egy'obuwombeefu, emyetegefu okufuna okusomesebwa kwo n'okutwala obuvunaanyizibwa okukyusa endowooza enkyamu n'enkola ez'obujeemu. Mukama, twagala obufumbo bwaffe bukuleete ekitiibwa n'essanyu, n'olwekyo okwo kwe kusaba kwaffe. Bino byona tubisabye mu linnya lya Yesu. Amiina.*

### Obukulu Obw'omu Baibuli.

Yesu yatuwa amagezi ku ebyo bye yali asubira mu bayigirizwa be, n'okutuusa leero. Weetegerenze nti yali tatessa, wabula ky'ali kiragiyo.

Okwagala okw'omu Baibuli kyeki?

Etteeka eriggya mbawa nti Mwagalanenga; nga bwe nnabaagalanga mmwe, era nammwe mwagalanenga. Bonna kwe banaategeereranga nga muli bayigirizwa bange, bwe munaabanga n'okwagalana mwekka na mwekka. (Yokaana 13:34-35)

## **OKWEGEZAMU 1**

"Mwagalanenga," Okusenziira ku lunyiriri 35, okutuukirizibwa kw'ekiragiro kya Yesu kukwata kutya ku nkolagana yo naye? Oyinza otya okuteeka omwagalwa wo mu lunyiriri luno?

---

---

---

---

---

Katonda tatusubira kufuna kwagala kuno awatali buyambi bwe. Genderera okukwatagana wakati we kigambo kya katonda n'okukola okw'Omwoyo omutukuvu mubulamu bwafe.

Kubanga mumaze okwetukuza obulamu bwammwe mu kugondera amazima olw'okwagalanga ab'olugaada okutaliimu bunnanfuusi, mwagalanenga mu mutima n'okufuba okungi: bwe mwazaalibwa omulundi ogw'okubiri, si na nsigo eggwaawo, wabula eteggwaawo, n'ekigambo kya Katonda ekiramu eky'olubeerera. (1 Peetero 1:22-23)

Ekigambo "obwesimbu" kitegeeza "awatali bunnanfuusi." Okwagala kuno okw'amazima kusoboka singa tunywerera n'etusigala mu Kristo (nga bwe kyogeddwo mu omuzingo 1) era n'okuyayana kwaffe okw'okugondera amazima okuyitira mu maanyi g'Omwoyo Omutukuvu abeera mu buli mukkiriza. Mu muzingo 1, twayiga nti 2 Peetero 1:3 eyogera ku Yesu nti, "*Kubanga obuyinza bw'obwakatonda bwe bwatuwa byonna . . . olw'okutegeerera ddala oyo.*" Era okumanya okw'ebintu byonna, ne Kristo, kuva mu Kigambo kya Katonda kyokka.

## **OKUSIMA EBUZIBA**

Nyonyola engeri nnya katonda z'atugamba okwagalaamu abalala, omuli omwagalwa wo.

Okwagala kubeerenga kw'amzima mukyawenga obubi, mwegattenga n'obulungi. (Abaruumi12:9)

---

---

---

Okusinga byonna nga mulina okwagalananga okungi ennyo mwekka na mwekka kubanga okwagala kubikka ku bibi bingi" (1 Peteero 4:8).

---

---

---

Kubanga katonda mutuukirivu tayinza kwerabira mulimu gwammwe n'okwagala kwe mwalaga eri erinnya lye, bwe mwaweereza abatukuvu, era mukyaweereza (Abebbulaniya 6:10).

---

---

---

Abaagalwa, twagalanenga; kubanga okwagala kuva eri katonda na buli muntu yenna ayagala yazaalibwa katonda era ategeera katonda. (1 Yokaana 4:7)

---

---

---

## Okwagala Okw'omu Baibuli Kyeki?

Okwagala okw'eb yawandikibwa tekusinzira ku nn'ewulira, newakubadde okujja kwoka. Mubutonde tweyaliza era tw'effako ffeka. Okwagala okw'omu Baibuli kikulwa, era kusenziira ku kusalawo. Okwagala okw'ekika kino kw'abwa Katonda era kuva mu mutima gwokka ogweewaddeyo eri Katonda, kubanga kuva gy'ali. Okusobola okwagala munno mu bwesimbu, oline okusooka okwagala Katonda n'okumuwa omutima gwo.

"Nate okusuubira tekukwasa nsonyi, kubanga okwagala kwa katonda kufukiddwa ddala mu mitima gyaffe ku bw'omwoyo omutukuvu gwe twaweebwa." (Abaruumi 5:5)

Katonda atuyiise okwagala abagalwa baffe n'e okwagala okwa agape – okwagala okwo kusaddaaka okutayinza kugibwa wo singa ayagalibwa alemererwa okutukiriza obwetavu oba okusuubirwa. Okwagala kwa agape kusinzira ku muwendo katonda gwa tade kumwagala wo mukifo eky'okwetegereza embeera z'omuntu, amaanyi, obunafu oba okulemererwa.

Mu maanyi go tosobola kwagala n'okwagala kwa Katonda. Naye Katonda Yebazibwe! Bwe tufuna Kristo, Omwoyo Omutukuvu ajja okubeera mu mitima gyaffe. Singa twewaayo era ne tufa munda mufu, Omwoyo Omutukuvu ajja kwagala bannaffe okuyitira mu ffe. Olw'okuba okwagala kwa Baibuli tekwesigamizibwa ku nneewulira, kye kintu ky'okola (ekigambo ekikola so si ekitakola) era osobola okukitegeera ng'okirabye nga kikolebwa.

N'olwekyo, kikulu fe okuyiga okulaga okwagala kwa katonda eri abagalwa baffe. Amawulire amalungi, singa Omusingi gwafe ogw'enkolagana ne yesu Kristo gutandikibwa bulungi, awo tusobola, mu maanyi aga katonda okuzimba ebiwagira okwagala abagalwa baffe kwebetaaga. Ebiiza emabega ne okulemererwa bisubirwa. Naye togwamu maanyi n'okutandika okukiriza empiisa etali y'akwagala. Ffenna tusobola okutandika okulongoosa mu kwagalana, era ekiseera ekyo kijja bwe tukitegeera nti okwagala bannaffe mu bufumbo kiva mu mutima ogweewaddeyo eri Katonda. Eno y'enneeyisa gye tulina okulonda, okunoonya, okuyiga n'okugenda mu maaso n'ayo. Abasajja n'abakyala baagalana mu ngeri emu oba endala, naye obutakkaanya obutaliimu busobola okusaanyaawo obwagazi singa ebizibu tebigonjoolwa. Kye twagala nga ffe kwe kwagala okutunyweza buli kiseera, naye kye tulina okugoberera kwe kwagala okussukuluma era okweyongera.

### **FAYIRO Y'AMAZIMA.**

#### **Okwagala – Agape (Iuyonani)**

Okudamu kwo mutima gwa katonda eri ebibi ebitasanide. Okwagala kwa Katonda kweyolekera mu kwefiiriza okusobola okugasa abo bayagala. Omutindo gwa katonda ogunonya ebulungi by'abalala nga ebikolwa byabwe tebifiridwako. Mulimu katonda okukola ekyo kyamanyi nga kyekisinga eri omuntu si kiki omuntu kyeyogomba... Omwana we okureeta okusonyibwa eri omuntu. Kwe kusalawo okwagala awatali kakwakulizo.

#### **Okwagala – Phileo (Iuyonani).**

"Phileo kulabika nga kwa njawulo nnyo (ku agape) era kusinga kulabikira mu ebyo ebiweesa ekitibwa, ekitiibwa ekya waggulu, n'omukwano ogw'ekisa era kwo'gera ku n'enneewulira ennyingi." Okwagala kw'omukwano okusenziira ku ssanyu omuntu ly'afuna okuva mu kwagala okwo. Kwe kwagala okuliko obukwakulizo.

Pawulo yali akimanyi nti abantu b'omu Firipi baali baagalana nnyo, naye yabakubiriza okweyongera:

Era kino kye nsaba okwagala kwamwe kweyongereyongerenga kusukkirirenga mu kutegeera n'okwawula kwonna:  
mulyoke musiiimenga ebisinga obulungi; mubeerenga abatalina bukuusa era abatalina kabi okutuusa ku lunaku lwa Kristo;  
nga mujjudde ebibala eby'obutuukirivu, ebiriwo ku bwa Yesu Kristo, Katonda aweebwe ekitiibwa, atenderezebwe. (Abafiripi 1:9-11)

Kigenderere Pawulo teyabasabira kuwulira ng'abaagala, naye ebigambo bye bitukubiriza okukola kye tuyinza okukozesa mu kusaba kwaffe. Ebintu bino wammanga bijja kukuyamba okutegeera katonda by'ayogera.

1. "Era okwagala kwamwe kuyinze okunywezebwa enyo daala mu kumanya n'okwawuula kwona "(olunyiriri 10). Okujuula enyo kitegeza "okubeera nebisuuse" okusinga kukwagala okumala. Okumanya, epignosis (Oluyonaani), kitegeeza "okumanya ekintu mu magezi, naye oluvannyuma n'okikolako." Essaala eno kwe kumanya engeri y'okwagalamu okwa Baibuli n'oluvannyuma n'okugituukiriza. Okwawula kitegeeza "okubeera n'amagezi, oba obusobozi bw'okutegeera" n'okusalawo n'okukulembera enneeeyisa yo okusinziira ku kumanya okwo.
2. "oyinze okukakasa ebintu ebitukiride" (Olunyiriri 11). Okukakasa kitegeza "okugenda mu maaso n'okugezesa, okwekenneenya nga tonnakkiriza kikulwa kyo." Mu ngeri endala, tuutukiriza ebisaanyizo by'okubeera n'okwagala kwa agape okulungi ennyo, okwagala okutuukana n'omutindo gw'Ekigambo kya Katonda, olwo kujja kuba kwagala kwa bwesimbu.

Kino Katonda akituukirize mu ggwe ng'osoma Ekigambo kye. Ng'okozesa Ebyawandiikibwa ebyo waggulu, wandiika essaala yo ku kaadi era osabe Katonda akutuukirize mu bulamu bwo. Bw'oba oyagala okuyiga, kozesa kaadi y'essaala okutandika akaseera k'okusoma kwo. Okugeza nga:

*Mukama yesu, nsaba okwagala kuno kukulukute munze ebiseera byona. Njagala nkulukute n'okwagala kwo mu mbeera zonna ze nsisinkana buli lunaku. Mukama, nyamba nnemenga okwekwasa olw'ebirowoozo ebitali bya kwagala, ekigambo, oba ekikolwa eri omwagalwa wange. Nsaaba ompe okwawuula kwo ku butya bwe ngabanya okwagala kuno okutakoma mubufumbo bwange. Yesu, nsaaba ogulumizibwe mu byonna byenkola mu maaso go n'eri omwagalwa wange. Amina.*

## **OKUSIMA EBUZIBA**

Nyonyola butya ebyawandikibwa bino bwe biyinza okukola gyoli n'enkolagana yo n'omwagalwawo.

Okwagala okw'omu Baibuli kyeki?

Naffe kyetuva tetulekaayo, okuva ku lunaku bwe twawulira, okubasabira n'okubeegayirira mulyoke mujjuzibwe okutegeeranga by'ayagala mu magezi gonna n'okutegeera eby'Omwoyo. (Abakkolisayi 1:9)

---

---

---

So temufaananyizibwanga ng'emirembe gino naye mukyusibwenga olw'okufuula amagezi gammwe amaggya, mulyoke mukemenga bwe biri Katonda by'ayagala ebirungi ebisanyusa ebituufu. (Abaruumi 12:2).

---

---

---

Nga mukeberanga mukama waffe ky'ayagala bwe kiri. (Abefeeso 5:10)

---

---

---

### **Ekisinga Okuba Eky'amaanyi Mukutuzamu Amanyi.**

Obwetaavu obusookerwako butukubiriza ng'abantu. Okwagala kwekusooka mu ebyo ebisinga okutukubiriza. Ekiddako bye byetaaga by'omubiri ng'emmere, ebbugumu n'obukuumi. Ekirala ekikubiriza kwe kusanyuka: okumatira mu mubiri, okwesanyusaamu, n'okufuna ebintu bye twagala. Obulumi n'okutya nabyo bisobola okutukubiriza, emirundi mingi okuyitira mu kubonereza, obusungu oba obutasasira.

Ng'abaami n'abakyala, ka twekenneenye obukodyo bwe tukozesa okukubiriza abagalwa baffe mu bufumbo. Weeyisa otya ng'ogezaako okuleetera munno okukyusa mu ngeri emu oba okubakubiriza okukola ky'oyagala oba okulekera awo okukola ekintu ekikunyiiza?

### **OKWEGEZESAMU 2**

Teeka enkulongo ku kizaamu amaanyi kyosinga okukozesa.

Okwagala            Eby'etaago by'omubiri            Essanyu            Obulumi/Obutasassira.

Fumitiriza ku lwaki n'abutya bwokozesa ekizaamu amaanyi kino.

---

---



---

---

---

Fuba okulaba enkola gy'emutaadewo mu bufumbo bwammwe. Ng'ekyokulabirako, abafumbo abamu tebakimanyi nti baleetawo obulumi n'okutya nga bakozesa obusungu, okuvuma, okukeneka, okuyomba, obutafaayo oba okumma omukwano. Ekigambo kya Katonda kitugamba nti kino kibaawo kubanga tulina ekibi, era enneeeyisa eno ya mu butonde ng'abantu.

Kyokka, Katonda atuwa enkola endala. Bwokiriza Yesu Kristo nga Mukama era Omulokozi, Omwoyo we omutukuvu ajja nabeera mugwe. Awo woka wofunira amaanyi okuwakanya okweyisa mu ngeri ey'ekibi, oba Katonda ky'ayita "omubiri." Bayibuli egamba nti Omwoyo ye mukulembeze waffe era atutegeeza ekibi. Bwe tugondera Omwoyo wa Katonda, tusobola okugoberera ebiragiyo by'atuwa ebikwata ku kwagala. Ebiseera ebisinga abafumbo bayisa bannaabwe okusinziira ku ebyo ebiva mu butonde, so si okusinziira ku Kigambo kya Katonda.

Kiki ekyazaamu Yesu amaanyi okujja n'atufirira? Yokaana 3:16 egamba, "Kubanga Katonda bwe yayagala, ensi bw'ati, n'okuwaayo n'awaayo Omwana we eyazaalibwa omu yekka buli muntu yenna amukkiriza aleme okubula, naye abeere n'obulamu obutaggwaawo." Kwali kwagala okwazamu Yesu amaanyi okujja n'afa ku musalaba, si kutya kitaawe. Nakino, tulaba okwagala ng'ekigendererwa kya Katonda ekisooka era ekizaamu amaanyi ffe ekitureetera okukyuka.

## **OKUSIMA EBUZIBA.**

Enyiriri zino zogera ki kukulaga omukwano? Osobola otya okuzikozesa eri okwagala omwagalwa wo?

Naye katonda atendereza okwagala kwe ye gye tuli kubanga bwe twali nga tukyalina ekibi kristo n'atufiirira. (Abaruumi 5:8)

---

---

---

Era ndiwaayo era ndiweebwayo n'essanyu eringi olw'obulmu bwammwe. Bwe nsinga okubagaaala ennyo, njagalibwa katono? (2 Abbakolinso 12:15)

---

---

---

**Enkyukakyuka Yetaagisa!**

Okwagala okw'omu Baibuli kyeki?

Tuyinza okukkiriza nti endowooza ezimu n'enneeyisa byetaaga okukyuka. Tusobola okweraba ne tutegeera ensobi zaffe. Era obufumbo busobola okutulaga ekibi kyaffe.

Waayitawo bbanga ki oluvannyuma lw'embaga n'okitegeera nti munno omupya era omugalwa w'obulamu bwo bwonna oluusi tayagalika, wadde okusikkiriza? Wakiraba nti nabo baali bakulaba mu ngeri y'emu? Mu kiseera ekyo, abafumbo batandika okutegeera ekimu ku bigendererwa bya Katonda eby'obufumbo: okukyusa buli muntu n'afuuka ekifaananyi kya Kristo, ekitegeera okukuza endowooza n'embaala y'aKristo. Oyinza okuba ng'oyagala okukyusa omwagalwa wo mu bufumbo, naye Katonda ayagala okukukyusa, era ajja kukozeza omuntu oyo omulala okukulaga ekyo ky'oli. Mu muzingo 1, twayogera ku kigendererwa kya Katonda eky'okubiri eky'obufumbo ng'enkyukakyuka yaffe.

Bwe tukiriza omwoyo wa katonda omutukuvu okukola mufu nga tugondera ebilagiro bye ebyawandikibwa, tulaga okwagala eri Katonda n'abagalwa baffe. Abakkolisaayi 3:8 egamba, "Naye kaakano era nammwe muggyeewo byonna, obusungu, ekiruyi, ettima, okuvuma, okunyumya eby'ensonyi mu kamwa kammwe:" Bino byawukana ku kwagala, era okubivaako kitegeera "okukomya okukola ekintu mu bugendererevu." Mu kifo ky'ekyo, tulina okukulemberwa Omwoyo wa Katonda, atuwa endowooza ey'okwenenya. Katonda, nkimanyi nti kino kikyamu, onsonyiwa, era nsaba okutwala obuvunaanyizibwa, okusaba okusonyiyibwa munnange n'okukyuka n'okola ekituufu mu maaso go.

### **Okwagala: Okudamu Oba Okwanukuula.**

Tuyiga tutya 'okuggyawo' empuliziganya embi Katonda gye yateeka ku lukalala lw'Abakkolosaayi? Engeri emu kwe kwawulawo wakati w'okweyisa mu busungu, era nga kwe kwanukulira mu mubiri gwaffe, n'okwanukulira mu kwagala, nga kino kisinziira ku Mwoyo Mutukuvu.

### **Okwanukulira Mu mubiri.**

Okwanukulira mu mubiri si kikulwa kya kigendererwa oba ekibeera kilwoozedwako era kiyinza okuba eky'akabi. Okwagala omuntu tekujja kuba kwa mutindo singa tuba tweyisa mu ngeri etaali ngederevu.

### **FAYIRO Y'AMAZIMA.**

*Okudamu*-ekikulwa ekyo kwanukula eri ekiize, okudamu mu kuwakanya.

*Okwanukula mu mubiri* – Omukristaayo okweyisa mu mbeera ey'ekibi, omuze gw'engeri yaabwe enkadde eyagwa, oba okweyisa mu maanyi gaabwe n'okutegeera kwabwe mu kifo ky'amaanyi n'amagezi g'Omwoyo Omutukuvu.

Waliwo enjawulo wakati w'Abakristaayo abafumbo n'obufumbo bw'eki Kristaayo. Emirundi egisinga obungi Abafumbo Abakristaayo beeyisa buli omu eri munne "mu mubiri," oba mu ngeri ey'ekibi, era bombi tebajja kuvunaanyizibwa olw'enneeyisa yaabwe. Wali olowoozezzaako nti, *nnayogera bwentyo oba nnakola bwentyo olw'ebyo bye baasooka okukola?* Mu Bayibuli tewali nsonga ewagira ekyo. Tetusobola kunenya muntu olw'ebyo bye tukola oba bye tutakola. Ekyo kyekikula kyaffe eky'ekibi, era waliwo ebivaamu.

Ng'abaweereza, okweyisa mu ngeri enkyamu kibi era tekikulira bulungi Katonda. Tetusaanidde kuyisa bubu bannaffe mu mbeera yonna. Okwanukula tekyetaagisa kulwoozo kwonna—buli

kintu kyonna ekitujjira mu birowoozo, kye tugenda n'akyo. Okwanukula kiva mu butonde bwaffe obw'ekibi era tekiraga kwefuga, ekibala eky'oMwoyo (Abaggalatiya 5:22–23).

Munno bw'akola ekintu ky'otayagala, osobola okwanukula mu ngeri enkyamu n'ekyo ekisooka okujja eri ebirowozo byo, nga ebiseera ebisinga kitwaliramamu okwogera ebigambo eby'obukambwe oba okukozesa obwenyi obunyiiza oba amaaso agatiisa. Obukodyo obulala kwe kusirika, okugaana okwegatta, n'okweyawula ku balala. Olukalala lw'ebikolwa ebibi eri bannaffe mu bufumbo luyinza okuba oluwanvu. Bwe tutakola bulungi ku kabi ako, endwadde (ekibi) eyingira ne kireeta obusungu, olwo ne tunyiiga, ne tweyongera okusindiika waala bannaffe mu bufumbo.

Okwanukula mbeera n'okuvva mumbeera tekitwala budde wadde okufuba. Kibaawo amangu ago. Engero 15:1 wagamba nti: "Ekigambo eky'obukambwe kinyiiza." Kyokka Baibuli egamba nti tulina okumalawo ebikolwa eby'obukambwe (Abakkolosaayi 3:8). Tulina okukkiriza amazima gano era ne tusalawo mu ngeri ey'amagezi okukomya buli kibi kye tukola ku bannaffe mu bufumbo.

## **OKUSIMA EBUZIBA.**

Lambika buli ndowooza embi oba ennewulira enkyamu era ogikwataganye n'ekivaamu. Bwe kiba nti ekimu ku bino kiri mu bulamu bwo, wandiika kye weetaaga okukyusa.

Lekanga obusungu, ovenga mu kiruuyi, teweeraliikiriranga,  
okwagala obwagazi okuleta obubi. (Zabbuli 37:8)

---

---

---

Mweggyeko omuntu ow'edda agoberera embeera z'obulamu bwammwe  
ez'edda, eyayonooneka olw'okwegomba okw'obulimba; (Abaefeso 4:22)

---

---

---

Kubanga obusungu bw'omuntu tebukola butuukirivu bwa katonda (Yakobo  
1:20)

---

---

---

Okwagala okw'omu Baibuli kyeki?

Omuntu eyeewala ennyombo yeefunira ekitiibwa,  
naye buli omusirusiru ayagala okuyombanga (Engero 20:3)

---

---

---

Ejinja lizitowa, n' omusenyu muzito  
naye okweraliikirira kw'omussirusiru kubisinga byombi obuzito. (Engero 27:3)

---

---

---

### *Entegeeka eyebikolwa*

Wandiika okwewayo kwo eri Mukama n'omwagala wo okusaba buli lunaku kulwa amanyi okusaba okusonyibwa buli lyoyogera oba n'okola ekintu ekitali kya kwagala. Kikozese okutandiika esaala, era giwandiike kukapapuula okateeke kundabirwamu ey'omukinabiro ng'ekijjukizo.

---

---

---

---

---

---

---

Leka omwagalwa wo asome kino oba wandiika omuwe.

## Esomo 2: Okwanukula Mu Kwagala.

Bwetuba nga twanukula, tukirizibwa, tusikirizibwa, oba tweyiisa mungeri enungi, ekyawukanako n'okuva mu buntu.

Okwanukula kwetaagisa okulowooza. Tulina okukozesa ebirowoozo byaffe n'emmeeme zaffe. Ebyawandiikibwa bitulagira okuleeta "buli kirowoozo mu buwambe eri obuwulize bwa Kristo" (2 Abakkolinso 10:5).

Okwanukula nakwo kwetaagisa okwefuga. Tuteekwa okugondera amaanyi ga Katonda agasobozesa ebibala by'Omwoyo okumera. "Naye ekibala ky'Omwoyo kwe kwagala, essanyu, emirembe, okwagala, ekisa, obulungi, obwesigwa, obukkakkamu, okwefuga" (Abaggalatiya 5:22-23). Ebyawandiikibwa bigamba nti tuteekwa okwongera okwefuga ku musingi gw'okukkiriza kwaffe.

### FAYIRO Y'AMAZIMA.

*Okwanukula* – bwe tudamu omuntu omu, "twanuukula bubi oba nga bwetwagala"

*Okwanukula mu kwagala* – Eri Omukristayo ali okudamu embeera n'okulungamizibwa okw'omunda, okwagala, amagezi n'amaanyi ag'omwoyo omutukuvu.

Naye era olw'ekyo kyennyini bwe muleeta ku lwammwe okufuba kwonna, ku kukkiriza kwammwe mwongerengako obulungi, era ne ku bulungi bwammwe okutegeera era ne ku kutegeera kwammwe okwegendereza; era ne ku okwegendereza kwammwe okugumiikiriza; era ne ku kugumiikiriza kwammwe okutya Katonda; era ne ku kutya Katonda kwammwe okwagala ab'oluganda; era ne ku kwagala ab'oluganda kwammwe okwagala. Kubanga ataba n'ebyo ye muzibe w'amaaso awunawuna, bwe yeerabira okunaazibwako ebibi bye eby'edda. (2 Peetero 1:5-7)

Okuyiga okwanukula mu kifo ky'okutabuka kitwala ekiseera. Okukyusa enneyisa embi kyetaagisa okusooka okukkiriza obubaka obupya, n'oluvannyuma nti okwagala okukyusaamu kwa maanyi nnyo okusinga endowooza embi n'ebikolwa ebibi ebyaliwo edda. Omuntu bw'alemererwa, aba afunye omukisa okwatula, okweenenya, era n'asaba okusonyibwa. Mu kiseera kino eky'okukula, oyinza okukizuula nti okutwala obudde okuva mu mbeera ey'ebbugumu kiyamba. Enneewulira ezo enkadde bwe zitandika okukomawo, funa akadde okusaba Katonda akuwe amagezi n'amaanyi okukola ku mbeera mu ngeri emuweesa ekitiibwa era ezzaamu munno amaanyi.

Ekigambo kya katonda kitulagira okwaanukula mu kwagala, okulaga omukwano ogutaliko bukwakulizo. Engero 15:28 egamba, "Omuntu omutuukirivu, amala kulowooza nga tanaba kwanukula;" Ekyo kitegeza kutunulira ekigambo kya katonda kulwe ekyo ekituufu, ekiviramu eneyiisa entuufu.

Ekigambo kya Katonda ge mazima era kye kyokka ekisobola okuyamba omuntu okwekebera. Ng'abayigirizwa ba Kristo, tetwesigama ku ngeri bazadde baffe oba omuntu omulala yenna gye

Okwagala Okwebyawandikibwa Kyeki?

baakikolamu, naye tutunuulira Ekigambo kya Katonda ne tubuuzza nti, "Katonda, nneeyisa ki gy'oyagala? Amazima kye ki?"

*Ekyo mukimanyi, baganda bange abaagalwa. Naye buli muntu abeerenga, mwangu wa kuwulira, alwengawo okwogera, alwengawo okusunguwala kubanga obusungu bw'omuntu tebukola butuukirivu bwa Katonda. (Yakobo 1 :19-20)*

Oyinza obutakimanya nti okukolera munno ebikolwa ebibi tekikoma ku kulemererwa kutuukiriza nkyukakyuka z'oyagala naye era kiyinza okubaleetera okuba n'endowooza n'enneeyisa enkyamu.

Enkola eno eyinza okuba nga yaliwo mu bulamu bwammwe okuviira ddala mu buto, bazadde bammwe nga tebassinganaamu kitiibwa, nga mwotwaliddemu nammwe, ekyaletawo obutabanguko mu maka gammwe. Katonda agamba nti okwogera obubi kinyiiza abalala era kireetawo ebikolwa ebirala ebtali bya bwa Katonda. Enneeyisa yaffe yeetaaga okusinziira ku Kigambo kya Katonda. Mukama ayagala tukole okusinziira ku mazima so si ku nneewulira.

Katonda ayagala abantu bamuleetere ekitiibwa ng'aboleka embaala ye. Okkirizza era n'oyaniriza ekigendererwa kino eky'obufumbo bwammwe, okuweesa Katonda ekitiibwa?

Alwawo okusunguwala alina okutegeera kungi, naye alina omwoyo ogwanguyiriza agulumiza abasirusiru. (Engero 14:29).

Ebikolwa eby'obukambwe tebiva mu Mwoyo Mutukuvu wabula kikolwa kya mubiri gwo, oba obutonde bwo obw'ekibi kyo. Omubiri mu butonde gwefaako gwokka, gweyagala ate nga tegwagala balala. Tulina okutandika okutwala obuvunaanyizibwa ku nsonga eno nga enkyukakyuka tezinnabaawo. Obutabanguko bufuga amaka gaffe olw'engeri gye tuyisaamu bannaffe. Tuteekwa okuggulirawo emitima gyaffe amazima g'Ekigambo kya Katonda ng'omutindo gwokka ogw'empisa zaffe.

Omuyigiriza ekiragiro ekikulu mu mateeka kiruwa? Naye n'amugamba nti Yagalanga Mukama Katonda wo n'amutima gwo gwonna, n'obulamu bwo bwonna, n'amagezi go gonna. Kino kye kiragiro ekikulu eky'olubereberye. N'eky'okubiri ekikifaanana kye kino nti Yagalanga muliraanwa wo nga bwe weeyagala wekka."(Matayo 22:36-39)

Wadde ng'oluusi muliraanwa ayisibwa bulungi okusinga ku munno mu bufumbo. Oyinza okugamba nti, "Sirina kubeera na muliraanwa wange. Munnange mu bufumbo tomumanyi. Eno y'ensonga lwaki nkola bye nkola ne njogera bye njogera." Kyokka, Ekigambo kya Katonda tekyogera nti *singa*, kitugamba bugambi nti twetaaga okwagalana. Bayibuli egamba nti tulina 'okwambala' okwagala. Ekikolwa kino kya kusalawo so si nneewulira.

Ku ebyo byonna era mwambale okwagalana, kye kintu ekinyweza okutuukirira. (Abakkolisayi 3:14)

Tutekedwa okubeera n'okuyayana okwamaanyi eri okwagala. Ebiseera ebimu, wandi wulira nga atayagala mwagalawa wo era n'okiiriza okubawa omukisa obutakwagala. Wandiba nga okiriza omubiri gwo okufuuga n'oyogera ekyo ekize obuuzi mu birowozo.

Olw'ekisa kya Katonda, osobola okukyusibwa mu ngeri nnyingi nga bw'oyiga okwewaayo eri Omwoyo Omutukuvu. Tojja kuba atukiridde, naye osobola okulongoosa n'okwolesa Kristo n'okusingawo ng'ekiseera kigenda kiyitawo.

Ffenna tusobola okufuna enkyukakyuka mu kifaananyi kya Katonda era ne tulaga nti buli omu ayagala munne. Ekkubo kwe kubeera abawulize. Twala ebiseera ebyo ng'omubiri guzuukuse n'osalawo okwegamba nti, "mpulira njagala okukola kino, ng'okwogera bino, naye, Mukama, nsaba amaanyi go mu kiseera kino okuggala akamwa kange n'obutayambala bigambo ebyo ebikyanye, ebibi. Wetegereze engeri gy'otunulaamu mu maaso go n'engeri gy'okozesaamu ebikolwa by'omubiri gwo, abakugu kye bagamba nti bitwala ebitundu 55 ku 100 mu mpuliziganya.

Okumanya Katonda by'ayagala, ebisangibwa mu Kigambo kye, n'okugondera amaanyi g'Omwoyo gwe, bye bituyamba okwefuga.

Kyokka, tetujja kuba abatuukiridde. Okulemererwa kitegeeza nti tetutuukiridde, naye tusobola okweyongera okubeera nga Kristo singa twatula ekibi kyaffe eri Katonda ne munnafe mu bufumbo era ne tusaba okusonyiyibwa, olw'okwagala kwa Katonda n'okusaasira kwe, atusonyiwa. Bwe tubeera mu Kristo, tujja kuyiga okukkiriza okusonyiyibwa kwe n'okusonyiwa abalala.

## **OKWEGEZESAMU 1**

Wandiika ezimu ku ntunula oba enjogera embi by'okozesa n'omwogala wo mu bufumbo.

---

---

---

### *Entegeeka ey'ebikolwa 1*

Wandiika esaala nga osaaba ekisa kya Katonda mu bwesigwa okusaba okusonyibwa bwolemererwa mu kitundu kino.

---

---

---

---

---

Okwagala Okwebyawandikibwa Kyeki?

## **OKUSIMA EBUZIBA.**

Menya obuvunanyizibwa bwaffe eri okwagala.

Etteeka eriggya mbawa nti Mwagalanenga, nga bwe nnabaagalanga mmwe era nammwe mwagalanenga. (Yokaana 13:34)

---

---

---

Ku ebyo byonna era mwambale okwagalana, kye kintu kyokola ekinyweza okutuukirira. (Abakkolisaayi 3:14)

---

---

---

Naye, bwe twogeranga amazima mu kwa galana, tulyoke tukule okutuuka mu ye mu byonna, gwe mutwe kristo. (Abafeeso 4:15)

---

---

---

Kubanga mumaze okwetukuza obulamu bwammwe mu kugondera amazima olw'okwagalanga ab'olugaada okutaliimu bunnanfuusi, mwagalanenga mu mutima n'okufuba okungi. (1 Peteero 1:22)

---

---

---

Okusinga byonna nga mulina okwagalananga okungi ennyo mwekka na mwekka kubanga okwagala kubikka ku bu bibi bingi. (1 Peteero 4:8)

---

---

---

Bayibuli eyogera ku ngeri ez'enjawulo ez'okwagala, naye kye twogera wano kye kigambo ky'Oluyaani "agape." Ekitabo ekiyitibwa "Nelson New Illustrated Bible Dictionary" kigamba nti, "Okwawukana ku ngeri abantu gye bategeeramu, amakulu g'okwagala ga agape si kwe



kwagala okutaliiko bukwakulizo, wabula okusingira ddala okwagala okw'okusalaawo mu kifo ky'enneewulira." Tuteekwa okusaba okwagala bannaffe mu bufumbo nga Katonda bw'agamba. Omwoyo Omutukuvu atuwa obusobozi, naye tuteekwa okubuyayanira n'okubugoberera. Katonda amanyi emitima gyaffe, era omutima gwammwe bwe guba nga tegukiliimu, temujja kutuuka ku buwanguzi.

Abafumbo abamu balina obuzibu mu kitundu kino. Bagamba nti baagala okugoberera Mukama era baagala okugondera Katonda. Kyokka beeyongera okumenya ebintu bina oba bitaano Katonda by'annyonnyola ku kwagala, nga beeyisa mu ngeri eyawukana ku kwagala kuno buli lunaku. Engerer yokka gy'omanyi oba nga oyagala okukyusaamu kwe kuba omwetegefu okukkiriza ekibi kyo eri Katonda n'eri omwagalwawo mu bufumbo n'okusaba okusonyiyibwa.

Oli mwetegefu okusooka okugenda eri Katonda n'oluvannyuma n'ogamba munno nti, "Omanyi kye nnayogera kyali kikyamu era nsaba nsonyiwe"? Bwe kiba si bwe kityo, toyagala nkyukakyuka kubanga enkola Katonda gy'akoze okukyusa kwe kwatula n'okwenenya. Ekyo kiraga Mukama, ffe (omubiri gwaffe), ne munnafe mu bufumbo nti twagala okukyuka ne tutandika okubaagala mu ngeri ya Katonda.

## OKUSIMA EBUZIBA.

Weetegereze ekyo ky'osanga ekikwata ku kwenenya n'engeri obuwulize gye buyinza okukwata ku nkolagana yo ne Katonda ne munno mu bufumbo.

Naye nnasooka okubabuulira ab'omu ddamasiko ne mu yersaalemi, era n'ensi yonna ey'ebuydaaaya n'ab'amawanga okwenenya n'okukyukira katonda, nga bakolonga ebikolwa ebisaanidde okwenenya (Ebikolwa bya batuume 26:20).

Oba onyoomye obugagga bw'obulungi bwe n'obuwombeefu n'okugumiikiriza nga tomanyi ng'obulungi bwa katonda bukuleeeta mu kwenenya? (Abaruumi 2:4)

### FAYIRO Y'AMAZIMA

Okwenenya—Okugonjoola;  
 okukyusa obulamu bw'omuntu  
 olw'okwejjusa olw'ebibi bye;  
 Okwejjusa olw'ekyo omuntu  
 ky'akoze oba ky'alekera awo  
 okukola mu maaso ga Katonda.  
 Okukyuka n'okugenda mu  
 kkubo eddala; okukyusa  
 endowooza y'omuntu,  
 okusaalawo n'obulamu,  
 ekivaamu okukyusa enneeeyisa;  
 Okukola ebintu mu ngeri  
 endala.

Okwagala Okwebyawandikibwa Kyeki?

Mbagamba nti bwe kityo linaabanga ssanyu mu ggulu olw'oyo alina ebibi omu eyeenenya, okusinga abatuukirivu ekyenda mu omwenda, abateetaaga kwenenya. (Luuka 15:7)

---

---

---

Munoonye Mukama nga bw'akyayinzika okulabika,  
mumukaabirire nga bw'akyali okumpi:  
omubi aleke ekkubo lye,  
n'omuntu atali mutuukirivu aleke ebirowoozo bye:  
era akomewo eri Mukama, naye anaamusaasira;  
adde eri Katonda waffe, kubanga anaasonyiyira ddala nnyo. (Isaaya 55:6-7).

---

---

---

### **Essula Ya Agape, 1 Abakkolinso 13**

Mu buwangwa bwaffe, ekigambo *okwagala* kisuulibwa buli wamu. Tugamba nti twagala nnyo emmere emu, emmotoka empya n'enviiri empya, oluvannyuma ne tugamba bannaffe nti "Nkwagala." Abamu bafunye omuze gw'okugamba munnaabwe nti "nga nkumattira" eri abagalwa b'abwe. Okusobola okwagala obulungi omuntu omulala, tuteekwa okutunuulira Ekigambo kya Katonda okufuna okunnyonnyola. Ekigambo kya Katonda kigamba nti kisobola okukutuukiriza osobole okuba ng'olina ddala byonna olwa buli mulimu omulungi. (2 Timoseewo 3:17).

Okwagala kugumiikiriza, kulina ekisa; okwagala tekuba na buggya; okwagala tekwekulumbaza, tekwegulumiza; tekukola bitasaana, tekunoonya byakwo, tekunyiiga, tekusiba bubi ku mwoyo; tekusanyukira bitali bya butuukirivu, naye kusanyukira wamu n'amazima; kugumiikiriza byonna, kukkiriza byonna, kusuubira byonna, kuzibiikiriziza byonna. (1 Abakkolinso13:4-7).

Byonna osobodde okubifuga? Osanga si bwe kiri. Tekisoboka muntu yenna ku ffe okutwala ensonga eno ey'okwagala n'agikola mu maanyi gaffe. Teyali ntegeeka ya Katonda okutuwa ekyuma kino eky'okupima n'agamba nti, "Kale, njagala okole kino ku lulwo." Wabula Katonda agamba nti, "Olina amaanyi g'Omwoyo wange Omutukuvu, naye olina okuyayana n'okwesalirawo okuba omuwulize era ng'olimwetegefu okwenenya." Kino kyetaagisa okweyongerera okugoberera Ekigambo kya Katonda n'okubeera mu Kristo, ekijja okuleeta amaanyi n'enkyukakyuka mu bulamu bwo n'okuyita mu bulamu bwo. Oluvannyuma, okwagala kwa Katonda, okwa agape, kujja kutandika okukulukuta okuvva mu gwe eri abalala.

Abaggalatiya 5:22-23 lulaga okwagala mu kifo ekisooka mu lukalala lw'ekibala ky'Omwoyo. Ddi lwewali 'olabye omuti gw'omucungwa nga gufuba okuzala omucungwa? Tosobola kulaba mulimu oguli munda mu kikoola, naye ekibala kimeruka n'ekyetolola omuti gwonna omulamu obulungi. Katonda atuwa ebyokulabirako mu Kigambo kye, ng'omuti ogubala ebibala, okulaga enonno z'eby'omwoyo. Ekibala ky'okwagala mu bulamu bwaffe kiva ku mukwano gwaffe Naye era ne tusalawo okwambala okwagala. Bwe tukola bwe tuti, bwe tubeera mu Kristo ne twagala ebibala eby'omwoyo, Katonda asuubiza okutubaza.

## Kitundu ku kitundu

Nga bwe tutunulira 1 Abakkolinso 13:4-7 kitundu ku kitundu mu masomo agadako, manya Katonda tatunenya kulwo okulemererwa kwafe. Okumanya ekibi kintu kilungi nga bwe kiva ewo mwoyo omutukuvu. Bwoba owulira nga olumirizibwa, webaze Mukama. Okulumirizibwa okw'amazima okutureeta okwenenya. Kukyuusa emitima gyafe, ne kutuwa okwegomba okutereza (2 Abakkolinso 7:9-11) okusalirwa omusango tekuya eri katonda (Abaruumi 8:1) naye kuva mu bunya bwa geyena, omulabe, era twetaaga okumanya enjawulo.

## Kiki Okwagala Kyekutali

### 1. Okwagala Tekulina Butali Bu Gumiikiriza.

Nga bwe tusoma ekyawandikibwa kino, Katonda ajja kwogera nawe ku muwendo gw'otade kumwagalwa wo ne ku kigambo kye. Enneyisa yo kabonero akalaga omutima gwo kye guli. Wandi wulira ekikumiriza kubanga abantu abasinga, okuva mukweyagaliza oba obutamanya, bali kumenya bina oba bitaano ku nneyisa zino buli lunaku. Kimaze banga ki okuva lwe wayogera mu mutima gwo, Nze (si omwagalwa wo) neetaga okukyusa, era ngenda kulekerawo okweyiisa bwenti.

#### **FAYIRO YAMAZIMA.**

Okubonabona okuwanvu oba okugumikiriza —okubeera omukakamu, ekitafanagana na busungu, mulimu okuteeka munkola okutegeera n'obugumikiriza eri abantu. Era kitwetagisa okugumiikiriza embeera so si kuburwa kukiriza oba kubivaako.

1 Abakkolinso egamba okwagala "kubona bona kiwanvu", era kutulagira okukola bwe tutyo. Ekitalinga okubonabona okuwanvu, oba okubeera omugumikiriza, kwe kupakunkana. Okwagala tekwanguyiriza. Singa tuteeka byetusuubira ebyo kweyagaliza ku bagalwa baffe ne tusunguwala bwe balemererwa, tuba twanguyiriza era nga tulemererwa okubagala obulungi ku mutendeera gwa katonda.

Waliwo wowulira okwanguyiriza? Waliwo wo wulira obukyayi? Ekyo kye kitafanagana kwagala. Tewali kifo kya kivuvu, oba ekifo eky'awakati. Awali obukyayi tewaba butasalawo era si kifo ky'awakati. Bwo kola ekintu ekyawukana n'ekigambo kya Katonda kye kyogera, obwo bukyayi. Kigambo kimu kyoka ekikinyonyola mu baibuli – ekibi. Bwetukola okyawukana n'entegeka ya Katonda, obeera okyawa omwagalwa wo, ekibeera obujjemu eri katonda era kibi.

Osanga muwulide nti ebitafanagana byesiika era by'esikiriza. Kino kisobola okweraga mu ngeri ezitabalika. Okugeza, okutuuka mu bifo mubuude. Omwami yandi yagala okubeera yo edaaki kumi nga obuude tebungaba. Omukyala yandi wulira emirembe okutuuka ekikerezi. Kino kyandi tondawo ensonga eneene eri omwami mukitundu ekyo kugumikiriza, newakubadde omukyala akitegera lwaki anyize. Kyandi leeta akakubagano ak'enjawulo nga buli mwagalwa ayiiga okukwatagana ne mune.

Tunulira engyawulo wakati w'ekyo kyoyagala n'amazima. Okwagala kwo muntu kusobola okuba okukyamu? Eye. Singa okwagala kwo muntu kwawukana n'okwagala kwa katonda oba okulumya omuntu omulala, ekyo kibeera kibi oba kikyamu.

Temwongeranga ku kigambo kye mbalagira, so, temukisalangako mukwatenga ebiragiro bya mukama katonda wammwe bye mbalagira. (Ekyamateeka 4:2)

### **FAYIRO YAMAZIMA**

*Kyoyagala*—kiki omu ky'ayagala, okusinga oba wagulu wekirala. Si kituufu oba kikyamu wabula omuntu ky'ayagala.

*Amazima*—okuva mu kigambo kyakatonda; galaga kiki ekituufu n'ekikyamu.

*Okwekirilanya*—okutereeza enjjawukana n'okutegeragana.

Kubanga mbagamba mazima nti Eggulu n'ensi okutuusa we biriggwaawo, ennukuta emu newakudde akatonnyeze akamu ak'omu Mateeka tekaliggwaawo, Okutuusa byonna lwe birimala okutuukirira. Kale buli anaadibyanga erimu ku mateeka ago wadde erisinga obutono era anaayigirizanga abantu bw'atyo, aliyitibwa mutono mu bwakabaka obw'omu ggulu: naye buli anaagakwatanga era anaagayigirizanga, oyo aliyitibwa mukulu mu bwakabaka obw'omu ggulu. (Matayo 5:18-19).

Nga abagalana abafumbo, mujja kuba n'emikisa mingi okwekkiriranya kubye mwagala. Ebiseera ebimu twetaaga okussa wansi bye tusubira. Eri omwami gwe twogeddeko, yandi kizuula nti si mukolo mukulu, n'olwekyo teyetaaga kukeerako dakiika kumi mu maaso g'okusisinkana. Guno muuze, si nsonga ya mpisa, N'olwekyo asobola okulondawo okukyusamu n'azuula nti obutagumikiriza kwe eri mukyala we kibi. Mukifo eky'okusoberwa mu kugezako okufuluma awaka mubuude, omukyala yandi saaba omwami we okumuyamba okuteegeka abaana basobole okugenda ng'obudde tebungaba.

Embeera zino za munda, naye tumanyi zikosa enkolagana zafe mungeri eneene. Kisobola okuba nga kilumya omutima okuba ng'ovuuga okugenda mukifo ekimu ng'oyomba no'mwagalwa wo ekuubo lyonna, okusingira daala nga mugenda mu kanisa. Abafumbo abamaze ekiseera ekiwanvu basobola okumanya esonga nga eno.

Naye osobola okubeera no buwanguzi eri buli kusoberwa n'okwanguyiriza, ng'omwami gwe tw'akogerako wagulu. Ffena tufuba, era tusubira nti osobola okuzuula ebitundu mwoli okukiriza obutali bugumikiriza okufuga n'okujjawo ennewulira enungi eri omwagalwa wo. Eno yengeri ekibi gye kiyingira ne kyonoona Obufumbo nga kibujjuza n'obusungu ennewulira ey'ekiluuyi. Ffena twetaaga okubeera nga twetegereza, n'okumanya singa ekintu ekimu kiba kya mugaaso eri abagalwa baffe era nga twagala okukola ekisukulumye okuyamba oba okukyusa obulamu bwafe gye bali. Twandyetaaga okussa byetusubira ne tukola ekyukakyuka mu mbeera zafe.

Oba onyiomye obugagga bw'obulungi bwe n'obuwombeefu n'okugumiikiriza nga tomanyi ng'obulungi bwa bwa katonda bukuleeta mu kwenenya? (Abaruumi 2:4)

Okugumikiriza kibala kya Mwoyo, si kibala kya butonde ekijja obuuzi. Naye ebibala by'Omwoyo kwe kwagala, okusanyuka, emirembe, okugumikiriza, ekisa, obulungi, okukkiriza (Abaggalatiya 5:22). Oli kufuna ekiyinza okuteereza awali okwanguyiriza, oba ofuuse mukakanyavu n'ogamba nti, "Eno y'engeri gye ndimu, era bw'otyo bw'oli?"

Okwanguyiriza kibi. Ku lw'obufumbo obulungi, wetaaga okukola n'omwagala wo okutukiriza okwagala kwa katonda, ekyetagisa okwetowaaza, okwenenya n'okwegomba okusanyusa Katonda n'abalala.

Kino kye kifo ekitufu enyo okulekelawo n'otunulira enkolagana yo ne Mukama. Nga tonnajja eri Kristo, Katonda n'obugumikiriza Yali akulunghanya eri ekifo gy'onewerayo gyali, era nakati Katonda mugumikiriza eri obutamanya bwo n'obujjemu.

Juukira ekitundu mu 1 Abakkolinso 13:4 ekigamba okwagala "kubonabona kiwanvu." Kigidwa mukigambo okubonabona enyo. Kigenderere, okubonabona okuwanvu n'obulungi bwa Katonda bye bitulunghanya mu kwenenya, so si obusungu bwa Katonda n'obutaba mugumikiriza. Tetusanide kulaga embeera yemu eri abagalwa baffe?

Mukama waffe talwisa kye yasubiza nga abalala bwe balwooza okulwa naye agumikiriza gye muli, nga tayagala muntu yenna kubula, naye bonna batuuke okwenenya. (2 Peetero 3:9)

Oh, nga ddala Katonda aludde nga mugumiikiriza gye tuli!

### *Entegeeka eyebikolwa 2*

Menya ebitundu bisatu mw'otabadde mugumikiriza n'omwagalwa wo, era osaabe Katonda akusonyiwe. Era osaabe omwagalwa wo okusonyiwa kulwa buli nsoga gy'osoboola okunokolayo. Kigobereze n'okwewaayo mu nsonga zino eri okusaba, nga osaba katonda amaanyi n'amagezi okukyuka.

---

---

---

---

---

---

---

Okwagala Okwebyawandikibwa Kyeki?

## **OKUSIMA EBUZIBA.**

Pawulo yasabira omutindo gwo kwagala n'okugumiikiriza byetwetaaga mu mitima gyaffe. Ensibuko y'okwagala kuno kyeki?

Era Mukama waffe alunḡamyenga emitima gyammwe okutuuka mu kwagala kwa Katonda ne mu kugumiikiriza kwa Kristo. (2 Abasessaloniika 3:5).

---

---

---

Nyonyola kiki enyiriri zino kyezogera ku kugumiikiriza okw'okubonabona okuwanvu, okwagala oba byombi.

Era katonda w'okugumiikiriza n'okusanyusa abawe mmwe okulowoozanga obumu mwekka na mwekka mu ngeri ya kristo yesu. (Abaruumi 15:5)

---

---

---

Naye ebibala by'omwoyo kwe kwagala, okusanyuka, emirembe, okugumikiriza, ekisa, obulungi okukkiriza (Abaggalatiya 5:22)

---

---

---

Mulemenga okubeera abagayaavu, naye abagoberera abo olw'okukkiriza n'okugumiikiriza abasikira ebyasuubizibwa. (Abaebbulanyi 6:12)

---

---

---

Mulabe omuntu yenna alemenga okuwalana ekibi olw'ekibi naye ennaku zonna Mugobererenga ekirungi mwekka na mwekka n'eri bonna. (Abasessaloniika 5:14)

---

---

---

Bwoba wetaaga okukomya akajjegere k'ennyiisa eno, maririza *ekyongerezedwako G: okumenya akajjegere*. Nga bwetweyongerayo n'okusoma kwafe okwa 1 Abakkolinso 13 mu masomo ataano agadaako, daayo kukyongeredwamu kino buli lwolaba awetaaaga okukyuusa.

## Esomo 3: Beera Wakisa

Okuba ow'ekisa eri omuntu kupimibwa. Si nneewulira etaliimu makulu wabula ekintu ekirabika obulungi ekikwatibwako, oba okuwulirwa.

### 2. Okwagala Si Kwattima.

Ekyo kulabilako ekilungi eri ekigambo kino kye kya Kristo nga akikozeza kuye kennyini, nga agamba, "ekikoligo sikizibu (amafuuta) n'omugugu gwange mwangu" (Matayo 11:30). okwagala okwa namadala kutuzamu amanyi okukolera ekilungi mu kisa eri abagalwa baffe basobole okulaba Kristo mufu, eky'okulabirako eky'omuwereza wa katonda ayagala era owekisa.

#### FAYIRO Y'AMAZIMA

*Ekisa* — *chrestos* (*Greek*).  
Okukola obulungi; okubeera  
omuntu mulamu, asasira,  
alumirirwa, owe kisa, era  
eyakuzibwa obulungi  
okwawukana n'obukambwe,  
okukaluba, obukawu. Empisa  
ezissukkulumye.

"Okwagala kwa..... kisa" (1 Abakkolinso 13:4)

ekitafanagana kisa kwe kubeera n'ettiima. Okwagala si kw'atima. Okubeera n'etiima kusobola okubeera okukyokozebwa, obusungu, okuboggola, okusaala omusango, obutafayo oba buli omu okugaana munne. Waliwo engeri nyingi ez'okuteggeza omuntu nti tetusobola kukiriza butakkaanya bwabwe oba okulemererwa kw'abwe. Naye abagalwa baffe nabo balina okugumiikiriza obutakkaanya n'okulemererwa kwaffe. Lwaki abantu bangi bakkiriza nti bwe bataba na busungu, oba okumma omukwano, obutafaayo, oba nga balaga obutali bumativu bwabwe nga bakozesa ebigambo ebirumya n'ebigambo eby'amakulu, nti mukyala waabwe oba omwami waabwe tajja kutegeera bukulu bwa nsonga? Ekyo kye kibi kyaffe. Katonda agamba nti si kya kisa.

Tutekedwa okutandika okutwala obuvunanyizibwa n'okumanya ekibi ku lw'ekyo kyekiri. Abaruumi 12:10 egamba "Mwagalanenga n'okwagala okw'ab'oluganda; nga musukirira mu kuwanjuna ekitiibwa." Okussa ekitiibwa mu munno mu bufumbo okusinga ggwe kennyini, kwe kulowooza ku nneewulira ye okusinga eyiyo so si kubayisa mu ngeri ey'obukambwe olw'ensonga yonna.

Ekimu kubintu ebiziyiiza abaami n'abakyala byebakola kwe kubeera mu muuze ogw'okubeera omukambwe n'etiima, ekisobola okukolebwa mu bigambo, ebikolwa, n'endabika y'omu bwenyi. Omwami n'omukyala bombi bakola kino. Katonda ayagala ffe twebuuze, nyinza ntya okugabana enewulira yange, endowooza yange mu ngeri etalumya oba e mmenya wansi olutindo olw'empuliziganya n'omwagalwa wange? Nyinza ntya okusobola okubayamba okutegeera ekyo kyengezako okwogera? Katonda ayagala tukoze amagezi n'okwefuuga okulunganyama engeri gye tuwuliziganyaamu n'abalala. Omwoyo atuwade amaanyi gonna ge twetaaga okumaririza kino.

### Eri Abasajja.

Obulamu buleeta embeera nyingi mwetwetaaga okukwatagana, n'emikisa mingi okugabana endowooza n'ebirowooza. Newankubade nga endowooza zaffe zigenderedeemu kuzimba, waliwo engeri embi n'enungi ez'okwogera. Abasajja abasinga betaaga okukola ku mpuliziganya



yabwe kubanga tetusobola kwogera n'abakyala baffe mu ngeri gye twogeraamu n'ebakozi banafe ku mulimu. Wandi ba nga osobola okugenda ewa mukwano gwo nogamba, "sebbo otandise okugejja" n'abeera bulungi nakyo. Naye ekyo tokigamba mukyala wo okugyako ng'oyagala kumulumya nyoo.

Oyinza okuba nga wegendereza nyo bakozi bano kubanga eneyisa embi tekirizibwa mukifo mw'okolera. Wandi yagala okugamba omuvubuuka ku mulimu nti musiru kulwe ensobi ze, naye notakikola, notwala obusungu ewaka eri mukyala wo n'abaana. Okuva kweyo ensonga, onyiiga nnyo, era oteeberera ani ayitibwa omusirusiru oba okuyisibwa obubi olw'okukola ensobi? Emirundi egisinga, ojja kukiteeka ku mukyala wo oba omu kubaana bo. Ekyo kibi.

Abasajja, mujjukire nti Abakazi bamenyeka, era okwogera n'abo mu ngeri enungi kya mugaaso nyo. Katonda yakola mukyala wo nga "akutukiriza," okubeera obumu nawe. Yiiga butya bwali owenjawulo, era yiiga butya bwe muwanyisiganyaamu ebirowozo n'ekisa n'ekitibwa.

### **Eri Abakazi.**

Abakazi, muyige okubeera abalambulukufu. Muli bibya eby'ennewulira, era ebiseera ebimu kitwala edaaki abiri munya okuggusa ensoga gy'ogezaako okwogera. Mu ndowooza zabwe, abasajja tebakola bulungi mu nsoga eyo. Omwami wo muwe ekisembayo era omugambe kiki kyoyagala. Okugeza, omukazi yandi gamba, "Nkola kinene nnyo okukuuma ennyumba nga nnyonjo era sifuna kuwummula, okutegeka eky'egulo ku sawa kumi na biri kizibu nyo nga nneetaaga okujjaye abaana kusomero, notanyambako okubakangavvula. Osobola okunoona yo abaana leero?" Musabe anoneyo abaana kusomero mu kifo ky'okunnyonyola ebisingawo ebitakwatagana na kusaba kwo. Jjukira nti abasajja n'abakazi balowooza mu ngeri ya njawulo. Yiga engeri gy'oyinza okubeera omulambulukufu mu by'oyogera n'ebyo by'osaba.

Tozanya mizanyo gya kuteberera, "bwoba onjagala, osobola okuteeba ekirina okukolebwa." Juukira omwami mukusooka eyali tagumikiriza mukyala we abade ayagala okumuyambako ku baana. Tobeera nga atekakasa mubeera eyo nga ogamba, "Iwaki tonyambako ku abaana?" Tukira ku nsonga mu kyomusaba era beera mulambulukufu daala: "Osobola okubambaza?" Asobola okukola omulimu guno ogulambuludwa. Oyinza okusooka okumuyamba okumuyigiriza engeri entuufu ey'okukikolamu, naye oluvannyuma asobola okuyambako okuvira awo n'okugenda mu maaso.

Nga twolekagana n'okusoomoozebwa okuttewalika mu bufumbo, twetaaga okukola ku nsonga ezo mu ngeri entuufu n'okwetikka obuvunaanyizibwa bwe tutakola bwe tulemererwa. Kikulu obutayogera mu ngeri ya kutwalira bintu wamu, wabula twogere butereevu nga tugezaako okuyamba omwagalwa waffe okutegeera kye twagala era kye twetaaga. Abakyala bwe mugamba nti, "Kye nneetaaga kwe kwogera okunjagala" oba nti "Nneetaaga oyongere kumpuliziganya," tekitegeza bwetaavu bwammwe. Naye oyinza okugamba nti, "Ow'omukwano, njagala tufuneyo obudde buli lunaku, okumala eddakiika asatu, okwogera ku lunaku lwaffe nga bwe lubadde."

Okwagala kye ki?

## **Endowooza Entuufu**

Saba Katonda akuyambe okuba n'endowooza entuufu, okutegeera munno, n'okwogera naye mu ngeri ey'okwagala. Kiyinza okubaawo ebintu by'otoyinda kwogera awatali kusunguwala na kwewoozaako, naye osobola okwogera okuyitira mu bbaluwa. Okuwandiikira munno ebbaluwa kikuwa obudde okubeera weeka n'obilowoozaako. Kikuwa obudde okulowooza ku ngeri y'okuwa munno ekitiibwa, okussa ekitiibwa mu ndowooza ye, n'okwogera n'amagezi n'obugumiikiriza. Kiyinza okukuyamba okwogera ku nsonga enzibu.

Bwe tuba tulongoosa enkolagana mu bufumbo, waliwo ebigambo ebizikiriza empuliziganya era ebitera okukozesebwa byetulina okwewala. Laaba oba bino bikukwata ko, "buli jo," "tokolanga," "tolikyuka" "neera laba," "gwe oli \_\_\_\_\_" oba "olinga maama wo/taata wo" ebirala ebizikiriza mulimu okulimba, okuwayiriza, okunenya, n'okureeta esonga ez'ebayita. Bino byona bibi si bintu bya kisa, ne Katonda agamba nti si bya Kwagala. Tosobola kunenya omwagalwa wo ng'oyonoona mu bu genderevu.

Pawulo yawa Abaefeso ebilangiro eby'amaanyi. Weetegerenze ekyetaagisa okuggyibwawo.

Okukaawa kwonna n'obusungu n'obukambwe n'okukayuka, n'okuvuma bibavengako, awamu n'ettima lyonna. Era mubeerenga n'obulungi mwekka na mwekka abakwatibwa ekisa nga musonyiwagananga, era katonda bwe yebasonyiwa mu kristo. (Abaefeso 4:31-32)

Era yafundikira nga alagira "okubeera ab'ekisa" *chrestos* (luyonani), enneyisa gye tulina okufuna n'okweyongera okufuuna.

## ***Entegeka eyebikolwa 1***

Laaga ebintu byewetaaga "okwegyako." Saaba okusonyibwa okuva eri Katonda era akulaage butya bwo beera owekisa eri omwagalwa wo. Saba Akuwe okukkiriza okukusoboozesa Okumwesiga n'okusigala mukwo, newankubade ebiseera ebimu olemererwa. Saaba ekisa kye okusabanga okusonyibwa bwo lemererwa. Eno yengeri yokka gy'ojja okulaba okukyusibwa okw'obwa Katonda.

---

---

---

---

---

## **OKUSIMA EBUZIBA.**

Laaga engeri gy'osobola okubeera owekisa, eri omwagalwa wo.

Mu kwagala kw'ab'oluganda mwagalanenga mwekka ne mwekka mu kitiibwa buli muntu agulumizenga munne. (Abaruumi 12:10)

---

---

---

Kale Mwambalenga ng'abalonde ba katonda, abatukuvu era abaagalwa, omwoyo ogw'ekisa obulungi, okwewombeeka, obuteefu, okugumikiriza (Abakkolosaayi 3:12)

---

---

---

Omuntu ekimwagaza kisa kye n'omwavu akira omulimba. (Engero 19:22)

---

---

---

### 3. Okwagala Tekuba Na Bugya.

Obugya oba ebuuba eri omwagalwa wo kisobola okubeerawo mungeri nyingi, naye ekyokulabirako ekisinga okuba ekya bulijjo kwe kusosola mu baana. Abaami n'abakyala bandi beera n'omutabani oba omuwala gwe basinga okwagala, era obuzibu bwe bujja, omwana akozesebwa nga eky'okulwayiisa. Kino nakyo kileteera omwana okukontaganya omuzade omu eri mulala, era omuzanyo negufuuka oguzikiriza enyo eri bonna abagulimu. Eky'okuba nti abantu baffe ebitundu 39 ku buli 100 mu Amerika ba famire ezirimu abaana abaava mu bufumbo obwenjawulo kifuula kino ekizibu eky'enjawulo. Abaana bo balina okukimanya nti, nga ojjeko Yesu Kristo, munno mu bufumbo ajja kuba nnamba bbiri buli kiseera, era tojja kukkiriza baana bo kuzannyira ku mutwe gwo okuleeta obugya. Enteekateeka ya Katonda eri obufumbo eri nti omwami oba omukyala y'adirira Christo, awatali kotaliza.

#### **FAYIRO Y'AMAZIMA**

*Obugya*—obutamaira oba obutaba namirembe okulaba obulungi bw'omulala oba ebirungi, okugoberedwa ekigera ky'okukyawa n'okwegomba okuyiibwa kyenkanyi n'omuntu omulala, okuwalana okutalimu.

### **OKWEGEZESAMU 1**

Waliwo omwaana gw'obadde oyagala enyo? Bwekiba nga bwekiri Nyonyola.

---

Wali okwatidwa obugya kubuude omwagalwa wo bwamala n'emikwano gye? Kilungi okubeera n'emikwano egy'okulusegere naye si mu ngeri ekosaamu enkolagana yo n'omwagalwa wo. Wetaagisa okubeerawo obwenkanya, n'obuude n'emikwano tebutekedwa kukozezebwa nga eky'okuwugula oba ekiziyiiza okuva eri okukola ku bizibu awaka. Abagalana betaaga okwekubiriza okweyingira munkolagana enungi n'emikwano.

Singa omwagala wo agaana omu ku mikwano gyo kubanga weyiisa mungeri endala nga oli n'omuntu oyo, yandi beera n'ensonga enungi era nga bakuwa amagezi ag'obwa katonda. Bwoba olina emikwano egy'okulusegere abatali bakristayo, oba abatatambulira mu ma kuubo ga katonda, basobola okukosa. 1 Abakkolinso 15:33 egamba, "Temulimbibwanga, "Emikwano emibi gyonoona empisa ennungi." Ekyo tekitegeza nti tulina kubeera na mikwano mikristayo gyokka. Tuli bakubeera ekitangala mu kizikiza eky'ensi eno, era yesu yatuwa eky'okulabilako eky'amaanyi okutuuka eri abatali bakiriza okubulira ku Yesu Kristo. Naye bwe baba nga bebatukyuusa mukifo kyafe, awo eyo nkolagana teba nnungi.

Eby'okwesanyusaamu, n'ebyo ebikolebwa mu budde obw'endembe, oba obuweereza n'abyo biyinda okuleetera omuntu obugya. Abasajja bangi bazanya goolofu, ekitwala obuude obungi. Abasajja, bwo ba nga ozanya goolofu okumala esawa kumi mu Mwezi nga tofuuna buude bwa mukyala wo, kiyinda okuleetawo obugya. Wetaaga okuleetawo obwenkanya mu nkola yo ey'ebintu. Obutekubira kye kisumuluzo, n'ebwekiba mu buweereza. Abakyala mumala ebiseera bingi nga mukola ebintu ebweru w'awaka ne kiba nti musuddewo obuvunaanyizibwa bwammwe? Amaaka kye kisinga okuba ekikulu, era omwami n'omukyala balina okukuuma okwagala kwabwe n'ebiseera byabwe okusinga ebyo bye baagala.

Omwami n'omukyala bwe balwana n'okubuusabuusa okutaliko bukakafu nti bamala eri bannaabwe mu bufumbo era n'ebatwalibwa ebirowoozo eby'enjawulo ebivaamu obugya, kino kiteekwa okuterezebwa. Okwatibwa obugya ng'oteebereza nti munno atunuulidde omuntu gw'atofaanaganya naye kikula? Omwaami bwatunulira obutunulizi omukazi omulala oba omukyala omusajja omulala awatali kigendererwa kikusike olowooza kirina kye kitegeeza kyona? Bwe kiba bwe kityo, ekyo kiba kizibu, ekibi, ekyetaaga okusabira n'okubuulirirwa. Tokwatirwa munno bugya awatali nsonga.

Abaami, bwekiba nti amaaso go ga kuli mungalo, era nga olozoleera bwolaba abakazi abalala n'otwalibwa, kyandibadde kirungi okukola ku nsonga eyo. Saba Katonda akusonyiwe era okyuse. Kubanga tolina kukiriza birowoozo byo kutwalibwa na bakazi balala ekissera kyonna. Tokikola. Omusajja ayinda okugamba nti, "Katonda yamuteeka awo," n'eyekwasa ensonga ez'obusirusiru lwaki atambuliza amaaso ge ku bakazi abalala. Mu kifo ky'ekyo, saba kino buli lw'okemebwa:

"Nalagaana endagaano n'amaaso gange, kale nandiyinzizza ntya okutunuulira omuwala? (Yobu 31:1)

Engeri endala ey'obugya ey'okweyagaliza era nga yakito yandi golokoka omwagalwa wo nga afunye omukisa gw'otanafuna. Okugeza, mukazi wo nafuuna ekirabo okuva mu bazzade be okugendako mukifo ekimu okumala enaku ntono nga tosobola kugenda. N'olowooza, "*kale, bwe kityo bwekiri? Njakifulumaamu nange mbeko kyenguula.*" Abasajja oluusi baba n'emikisa gy'okugenda ku mirimu, oba mu kubulira enjiri, ng'omukyala yeetaaga okubeera awaka n'abaana. Beera musanyufu eri munno emikisa bwegijja gyebali.

Ffenna tumanyi bwe tuwulira nga tukwatidwa obugya, era bw'obuwuliranga kakasa nti weekebera okumanya ensonga lwaki. *Katonda, kigendererwa ki ekiri amabega we ndowooza yange? Kweyagaliza, oba daala waliwo okwekubira mu nkolagana ey'obufumbo?* Tosobola kubeera na bufumbo bulungi nga waliwo obugya obuli munkola. Bwoba nga gwe afuunye emikisa, Kebeera oba nga ngeri gye weeyisaamu eleteera munno okufuna obugya.

Omusajja yali ya yawukana ne mukyala we okumala emyaka mingi oluvanyuma nawasa omukyala omulungi. Yali awade ng'omuwandisi we omulimu okumala emyaka mukaaga eyali talina mwami era nga mulungi, era entegeeka y'omusajja ono yali nti, yakolanga ebiro bina ekitono enyo buli wiiki okutuusa sawa emu ey'okumakya. Mukyala we omupya yalaga obutali bumativu ku nsonga eno wadde nga yali akimanyi mu kiseera ky'okwogerezeganya nga ba kyekwana. Omusajja yasoberwa olw'obugya bwa mukyala we, n'ayimirira ku nsonga nti oli omukazi amaze emyaka mukaaga ng'akola ng'omuwandisi we. Mu kubuulirirwa, omwami yagambibwa nti, "Kati oli mufumbo; Olina okulowooza ku mukyala wo mu kusalawo kuno."

W'aliwo okwekubira mu nkola yo'mwaami ekyalettera mukyala we obugya, baalina okukyusaamu. Tewali n'omu ku babiri alina eddembe ly'okulagira oba okukaka ku munne ekkubo lye buli kiseera. Enkyukakyuka mu bufumbo kwe kuwuliriza, okufaayo, n'okukolera awamu n'endowooza ey'okwagala. Kino kijja kwetaagisa ebiseera ebimala nga tutunuulira Ekigambo kya Katonda n'okusaba.

## **OKUSIMA EBUZIBA.**

Mukifo eky'okufuna obugya, twetaaga okukola okusinzira ku magezi ga katonda.

Naye amagezi agava waggulu okusooka malongoofu, nate ga mirembe, mawombeefu, mawulize, agajjudde okusaasira n'ebibala ebirungi, agatalina kwawula, agatalina bunnanfuusi. Era ekibala eky'obutuukirivu kisigibwa mu mirembe eri abo abaleeta emirembe. (Yakobo 3:17-18)

Wandiika amagezi agava mu Byawandiikibwa bino agasobola okulongoosa mu ngeri gy'oyisaamu munno mu bufumbo. Oyinza otya okubikozesa mu biseera eby'obuzibu? Beera mulambulukufu.

Okwagala kye ki?

---

---

---

---

Nyonyola bikolwa ki ebiva mu bugya.

Naye Abayudaaya bwe baakwatibwa obuggya ne batwala abantu ababi ab'omu bakopi ne bakunŋaanyisa abantu ne basasamaza ekibuga. Ne bazingiza ennyumba ya Yasooni ne baagala okubaleeta mu maaso g'abantu. (Ebikolwa bya batuume 17:5)

---

---

---

Awo Piraato n'abaddamu, ng'agamba nti Mwagala mbateere Kabaka w'Abayudaaya? Kubanga yategeera nga bakabona abakulu baamuweesezzaayo buggya. Naye bakabona abakulu ne baweerera ekibiina nti Balaba gw'aba abateera. (Makko15:9-11)

---

---

---

### *Etegeeka eyebikolwa 2*

Zuula wa wolina obugya oba w'oleteera omwagalwa okuba n'obugya. Mukyogereko ng'abagalana, saaba okusonyibwa, era ofuune enteegeka kulwo kukyuka.

---

---

---

---

---

---

#### **4. Okwagala Tekwewaana oba Tekwegulumiza.**

Okwegulumiza kiri mu bombi, abaami n'abakyala. Kivaamu okunyoma oba okureteera omuntu omulala okuwulira nga si wamugaaso nyo oba obutawa muwendo nkolagana.

**FAYIRO Y'AMAZIMA.**

*Okwewaana*—Okweyogerako, oba ebintu ebikwata ku muntu oyo, mu ngeri ey'okwewaana; okuzimbira ku balala.

Ekyokulabirako, abagalana abatabudwa b'ajja okuwaburwa, n'okwemulugunya kwo musajja kwali nti enkolagana yabawe mu by'okwegatta yali si nnungi okumala embaanga eliweera. Yawulira nga ali wansi ku lukalala ly'ebyo eby'emugaaso eri mukyala we. Omusajja ono yali atabudwa nga mukawu ekyamureteera okuyombesa mukyala we mu maaso gomuwabuuzi. "Kyalina okukola kyoka kwe kutwala abaana basatu ku ssomero, ekyo kinene nyo." Yagenda mu maaso n'okunyooma omugaso n'obukulu bw'okulabirira amaka n'abaana. "Nkola nnyo, ssente nzireeta awaka era ky'alina okukola kwe kutwala abaana ku ssomero. Kizibu ekyo? Era nkomawo awaka ekiro, naye kyoka kyemuwulira ayogera kwe kungamba nti, 'nze Nkooye!'"

Omuwabuuzi yabuuza mukyala we ekyo bwe kyamuletera okuwulira. Yatuula awo, mukwewuunya, nakutamyama omutwe, n'akaaba. Omuwabuuzi nagamba, "sebo wewulide? Kyamugaso kyenkanawa mukyala wo okusigala ewaka, okwagala okufaayo n'okubeerawo eri abaana bo? Kyamugaaso kitya ekyo gyoli, era kyamugaaso kitya eri katonda? Kyamugaaso nyoo! Eky'akava mukamwa ko kibade kya malala nyo era kiluma. Eyee, waliwo ebintu mubulamu bwo ebyetaaga okukyuka, n'ebitu mubulamu bwa mukyala wo byeyetaaga okukyusa gyoli, naye kyova okukola, eno embeera eya malala, elummizza mukyala wo nyo."

N'abakyala nabo basobola okukikola. Emu ku ngeri esinga okuba eya bulijo kwe okukuza abaana. Taata agaaba okukangavvula, naye nga yakagenda maama n'agamba, "temumuwuliriza, mumanyi Taata, ajja kubyelabira enkya," okunyoma taata eri abaana, oba okunyooma obuyinza bwe, kibi era kika kya kweggulumiza. Kino kilaga nti taata musiru era tamanyi kiki kyayogerako. Ono ye mukyala ali okweteeka waguulu wa baa we, nga yelabanga omugezi era omuzade omwenkanya.

Omundi akutenderezenga, so si kamwa ko ggwe,  
omugenyi, so si mimwa gyo ggwe. (Engero 27:2)

**Okwekebeera.**

Bwe kiba nti okwewaana y'engeri gy'okozesaamu munno mu bufumbo, kyatule eri Katonda era weeyame okukyusaamu.

---



---



---



---



---



---

Okwagala kye ki?

## **OKUSIMA EBUZIBA.**

Zuula kiki enyiriri zino kyezogera ku kwegulumiza. Bwoba obade okikola n'omwagalwawo oyinza kutereza otya ng'oteeka munkola amateeka gano? Beera mulambulukufu.

Kubanga njogera, olw'ekisa kye nnaweebwa, alemenga okwerowooza okusinga bwe kimugwanidde okulowooza, naye okulowoozanga nga yeegendereza, nga katonda bwe yagabira buli muntu ekigera ky'okukkiriza. (Abaruumi 12:3).

---

---

---

Kubanga omuntu bwe yeerowoozanga okuba ekintu, nga si kintu nga yeerimbalimba. (Abaggalatiya 6:3)

---

---

---

Temukolanga kintu kyonna olw'okuyomba newankubadde olw'ekitiibwa ekitaliimu, wabula mu buwombeefu buli muntu agulumizenga munne okusinga bwe yeegulumiza yekka. (Abafiripi 2:3).

---

---

---

## **5. Okwagala Tekwekulumbaza**

Tetuli bannakyemalira, ababi enyoo oba abafugangana mumalala. Katonda ayagala oyagale era okubirize omwagalwa wo, si kugezako kubafuga. Endowooza zammwe zirina okulaga nti buli omu afaayo ku munne mu buli mbeera, nga buli omu ayamba munne okukulaakulanya obufumbo obw'obwa Katonda. Omwagalwa wo asanye okuwulira nga muli kimu naye, nti mwenkana mu maaso ga Katonda. Newankubade omwami ye mukulembeze, talina kufuga wagulu wa mukyala we nga abali mu majje. Naye abakyala nabo basobola okukola omulimu gwabwe ogwo okufuuga enyumba nga bakozesa amalala oba okwekulumbaza.

### **FAYIRO YAMAZIMA**

*Okwegulumiza oba amalala—okubeera wagulu, okuwulira oba okweraga omugaaso gwo, obutalabawo balala.*

*Amalala: okwewa ekitibwa ekya waguulu oba omuwendo ogwo mugaaso.*

Tutekedwa okujjukira eteeka elisooka eryo Obufumbo obwo bwa Katonda: Tuli bawereeza. Tulina okulaba ebifo byafe mubufumbo nga okuyitibwa okwuva eri Mukama ne tukola byonna kulwe ekitibwa kye, so si ekyafe. Yesu yali wamu n'abayigirizwa be, babiri ku bo bwe baabuuza



obanga baali basobola okutuula omu ku mukono gwe ogwa ddyo ate omulala ku mukono gwe ogwa kkono mu bwakabaka bwa Katonda.

Yesu yabadamu mu Matayo 20:25-28:

"Naye Yesu n'abayita gy'ali, n'agamba nti Mumanyi ng'abaami b'amawanga babafuga, n'abakulu baabwe babatwala n'amaanyi. Tekiibenga bwe kityo mu mmwe: naye buli ayagala okuba omukulu mu mmwe anaabanga muweereza wammwe: na buli ayagala okuba ow'olubereberye mu mmwe anaabanga muddu wammwe: nga Omwana w'omuntu bw'atajja kuweerezebwa, wabula okuweereza, n'okuwaayo obulamu bwe ekinunulo eky'abangi."

Ebigambo *omuwereza*, *yawereza*, ne *awereza* bigibwa mu kigambo ky'oluyonani *diakonos*, ekivunulidwa nga "Omuweereza" mu nyiriri ezimu ez'endagaano empya. Omudu yeyali omurereza atalina lukuusa kubibye naye yali yewayo eri okwagala kwo mulala. Yesu yali tagaana buyinza naye yali akubiriza okubukozesa obulungi. Yesu yalina obuyinza bwona mu nsi, naye embeera ze kwali kuweereza katonda n'okutukiriza okwagala kwa Katonda. Abaami n'abakyala buli omu alina obuyinza obubaweredwa katonda, naye buli omu engeri gyakozesa omukisa ogwo kyamugaso nyoo eri Katonda ng'abawereza be abakola okwagala kwe.

### **Okwekebeera 3.**

Oli nakyemalira mubiseera nga oyogera n'omwagala wo oba ne mu bikolwa byo? \_\_\_\_\_eye\_\_\_\_\_neda.

Nyonyola kiki Mukama kyakubikulide.

---

---

---

---

---

### **OKUSIMA EBUZIBA.**

Laaga kiki baibuli kye yogera ku malala ne okwekulumbaza, na butya bwe kiyinza okukosa obufumbo bwo.

Okutya Mukama kwe kukyawa obubi, amalala n'essukuti n'ekkubo ebbi n'akamwa akabambaavu bye nkyawa (Engero 8:13)

---

---

---

Okwagala kye ki?

Amalala lwe gajja, lwe wajja n'esonyi naye amagezi gaba n'abeetoowaza.  
(Engero 11:2)

---

---

---

Amalala galeeta okuwakana okwereere naye amagezi gaba n'abo abateesa  
obulungi. (Engero 13:10)

---

---

---

Naye yeeyongera okugaba ekisa kyekiva kyogera nti Katonda alwana  
n'ab'amalala, naye abawombeefu abawa ekisa. (Yakobo 4:6)

---

---

---

## Esomo 4: Gulumiza Katonda, So Si Mibiri Gyaffe

Ebiseera ebimu tusaala ensalo y'okwagala n'okwagaliza. Tumanyi ekirumya munnafe mu bufumbo naye era n'etukyogera, ne mu maaso g'abantu abalala. Ka kibe ki, Katonda agamba nti kibi, era tulina okukikomya.

### 6. Okwagala Si kwa bukambwe, tekukola bitasaana.

Kino kisobola okuberamu okuswaza oba obutategera mwagalwa wo mumaaso gabalala, omuli abaana bo oba okuwayisanganya ebigambo ebibi. Famire ezisinga zagala okusaaga era bakikola nyo mu mayumba gabwe. Naye waliwo embeera kino lwe kisuuka. Kino bwe kitukawo, okudamu okukakamu okuva eri alumizidwa kumala okuleeta okwetonda nokukomya eneyiisa eyo.

Okusaaga kutera okujja mu kubuulirira—ebintu omu ku bafumbo by'akola okumala emyaka mingi n'eyekwasa nti abeera abikola mu kusaaga okusesa. Katonda agamba tekirina buzibu okusaaga, naye toba mukambwe. Mu kubuulirirwa, omukyala omu yagamba bba nti, "Oli bebi, y'ensonga lwaki nkuyisa ng'omwana omuto." Kati nga bebuza lwaki obufumbo bwabwe buli mu buzibu. Ekyo twetaaga okukiyita ekibi era tusabe Katonda akyuuse emitima gyafe era tukomye omuze ogwo omubi.

Abaami n'abakyala, tutekedwa okuyiiga butya bwe twogera emikisa mu bulamu bwa banaffe. Gamba mukyala wo nga bwomusiima: "oli maama ow'amanyi." N'abakyala, mukole kye kimu eri abaami bamwe, "oli mwami wange," "oli mwagalwa wange" "Abaana bayigira ku gwe" "oli mugabirizi omulungi." Kozesa ebigambo ebiwa omukisa, yogera mazima, era leeta okuzaamu amanyi eri omulala.

Erimu ku masomo agasinga okuba ag'amanyi gosobola okuyiga kwe kwebaza katonda ku lw'omwagalwa wo nga musabira wamu. Sinza katonda kulwe ebirungi byakoze, mu kubeerawo kwabwe otandiika okukola ekyo, nawe ojja kuwebwa omukisa. Abaepees 4:29 etuwa Okulungamizibwa, "walemenga okubawo ebigambo ebivundu ebiva mukamwa ko, naye ebirungi eri okutereza, biyinze okuteeka ekisa eri abawuririza."

Waliwo ebiseera eby'okwekomako *"obutaganya ebigambo ebivundu okuva mukamwako."* Bwe kitazimba, kiteeka omwagalwa wo wansi. Ekintu ekiba ekikambwe, ekitalina kisa, era ekitalinga okuzimba, kiba Kirina okuyitibwa olugambo. Tutekedwa okwekumira mu ndowooza nti, "ebigambo bye nzizaako okwogera bigenda kuzimba omwagalwa wange, bimusembeze eri kristo, era bimutekeko ekisa kya Katonda mu matu ge?" Kati okwo Kwagala.

Mu bufumbo bwaffe, tujja kukola ensobi era tusobye eri banaffe. Bwetusobya, tuli ba kusaba okusonyibwa era tufuune okusonyibwa okuva eri abagalwa baffe. Ekibi ekyakulumya bwe kisonyibwa, tekikirizibwa kuddamu kukinyumyako oba okukikomyawo. Baibuli egamba, *"okwagala kubika ku kibi"* (Engero 10:12), era kya nnaku nti abafumbo bangi boogera bubi ku nsobi za bannaabwe. Okwagala kugezaako okukweka ensobi z'abalala, naye si ku zibuusa maaso.

### FAYIRO Y'AMAZIMA.

*Obukambwe*— omuli obikolwa /empisa enkawu, embi enyo, obukambwe, ebitaweesa kitibwa, ebikosa.

*Okuzimba*—*Oikodome* (Oluyonaani). Okuzimba ku lw'okufuna okw'omwoyo oba okweyongerako kwo muntu; ekikozesebwa okulaga okuzimba enyumba.

Okwagala kye ki?

## **OKUSIMA EBUZIBA.**

Fumiitiriza ku ngeri ebyawandibwa kino gye bikwata ku nsonga eno.

Abikka ku kusobya anoonya okwagala: Naye ayeeyereza ekigambo akyayisa ab'omukwano ennyo. (Engero 17:9)

---

---

---

*Okubika kitegeza "okuteka ekisanikira kukyo, okukibika." Lwaki twandiyaade okukola ekyo? Kubanga okwagala omwagalwa waffe kunonya ekisinga obulungi eri omuntu oyo. Omuwandisi omu amanyikidwa yagamba, " bw'oba oyagala okwogera ku bintu ebibi eby'omuntu ataliwo, kirungi okwebuuzza ebibuuzo bisatu: Kituufu? Kya kisa? Kyetaagisa?" Katwongereko ekibuzo kimu: kisobola okutereza omuntu gwe twogerako n'abo abawuririza?*

Okwegendereza kuno tekitegeeza nti tubuusa amaaso ekibi kya munnaffe gyetuli n'eri abaana baffe.

Soma, okuva mu kwekenenya Engero 17:9, butya omuwandiisi omu bwa nnyonyola okubika ku bibi byafe.

Kyokka, okubikka ku kibi tekitegeeza kusaagira mu ensoga y'ekibi n'obutanenya obutali butuukirivu. Okwawukana ku ekyo, kitegeeza okugenda eri oyo asobya kinnoomu mu kwagala n'ekisa ky'obwa sseluganda; N'olwekyo, okugezaako okumukubiriza okukozesa omuntu we ow'omunda okuva mu ekyo ekityoboola Mukama we. Singa ensisinkana ng'ekyo egenda bulungi, ekibi tekisaanidde kuddamu kwogerwako. Kibikiddwa era tewali mulala yenna yeetaaga kukimanya.

Nga bino bigambo by'amagezi ffe okugoberera! Okusonyiwa n'okutabagaana bilina okukolebwa mbagilawo oba mangu nyo nga bwe kisoboka.

## **Okwegezesamu 1**

Waliwo ebiseera wobeera omukambwe oba abogoola eri omwagalwa wo? \_\_\_eye\_\_\_neda

Nneyiisa ki Mukama gy'akubikulide eyetaaga okukyuusa? Wandika okwatuula kwo. Bwe kiba nti okusaba munno okusonyiyibwa kiba kirungi, kikole.

---

---

---

---

## 7. Okwagala Tekunonya Byakwo.

Tetumanyi ngeri gye twefaako ffekka okutuusa lwe tufumbiriganwa. Okwemanyiriza okugabana obulamu n'omuntu omulala kikulu. Embeera zigolokoka ez'etaaga okwekiriranya n'okukyusa. Okugeza, abakyala bateera okwetaga okuwuliziganya n'abaami babwe ekitono ennyo edakiika ana mutano buli lunaku. Abaami bateera obutafa kukino, naye tekitekedwa kuba kuki kye bagala, naye omukazi ky'ayagala. Okulaba ebyetaago by'abagalwa baffe kilungi, naye sikya mugaaso singa turemererwa okigobereza n'okyemanyiriza nga tuteka munkola enkyukakyuka. Abagalana abamu batwala obuude n'ebanyumya oluvanyuma lw'abaana babwe nga bagenze okwebaka. Naye balina okuwuliriza n'okwagala n'endowooza ennungi.

### FAYIRO Y'AMAZIMA

*Noonya ekkubo lyo—omuntu agoberera ekyo ekisinga ekigya mu ky'ayagala, awatali kufaayo ku bikokwa byabwe oba amakubo gye gakosaamu abalala. Obutagala kufuna kwongerwako, omuli ebilangiro okuva mu ndowooza ya katonda oba omwagalwa we.*

Bandi tandika okutambula bonna kumakya, naye ekyo kyetagisa okwekirilanya. Omwami atalina bwetavu okwogera yandi wulira nga teyetaaga kukeera buli lunaku, naye bandi kiriza okutambula n'okwogera enaku satu buli wiiki. Bayinza okufuba okutambula buli ku makya ngomwami bw'ayiga okukola ku byetaago bya mukyala wee era n'amulaga nti yadirira Katonda mu kuba ow'omugasso. Kino kyakulabirako kimu kyoka eky'okuteeka amakubo go, ebyetaago, oba okuyayana emabbali kulwo kwagala eri omulala.

Buli bufumbo bulina abantu abejawulo babiri. Abantu balina ebyetaago byanjawulo, byebagala n'emize. Kino kyakusubirwa, naye abantu basobola okubeera ebedalu ekyewunyisa. Kyamugaaso nyo okutunulira okwagala kwabalala. Singa omwami n'omukyala bakola ku teeka lino, wajja kubawo emirembe munkolagana. Okugeza, omukyala asobola okukuma enyumba nga nyonyonjo, ate omusajja nga takitwala nga kikulu. Kinto Kitegeeza nti singa bakolera kukyetaago ky'omusajja, enyumba eyinza okuba encafu okumala ebbanga. Omusajja asobola okuyiga okubeera omuyonjo mu nyumba, okusingira daala nga alina by'acafuwaziza. Okusuubira mukyala we okulongosa oluvanyuma lw'omusajja okucafuwaza enyumba, kiba kumufuula mukozi awaka.

Abasajja abamu banyumirwa okuvuga zi piki, okuvuga obugaali bw'ebitomi mudungu, n'okusuula mu kampu. Oluvanyuma lwe myaka kumi netano mu bufumbo, mukyala we yandi gamba, "mukwano, okusuula mu kampu kikaluba gyendi, era sibinyumirwa. Osobola gwe okugenda n'abalenzi nga siriko? Singa omukyala agamba bbawe nti atekedwa okuva ku by'oku kampinga kubanga ye omukyala abikoye, ekyo kyandiba kikyamu. Juukira nti buli omu alina kyayagala. Okuvaga obugaali kwandiba kulungi eri omubiri gwe n'obulamu bwe. Omukyala yandi muzizamu amanyi okukola kino.

Okwagala kye ki?

Abaami mulowooze ku mirimu egy'etooloode ennyumba gye wagamba mukyala wo nti ojja kumaliriza- era n'okutuusa kati tegyinnagwa. Yakubuuza nomugamba, "eye, nja kukikola", naye omulimu tegukoledwako okumala emyezi esatu oba emyaka esatu. Kyoka nga olowooza kubintu byonna byewekolede mukaseera kano, omuli okulambula, golofu, tennis, n'ebilala. Mukyalawo akulaba. Olina obumaririvu okukola ebintu by'onyumirwa, naye bwa asaba ku buude bwo, olwawo okuberawo okukikola. Basebo, mukyala wo bwa kusaba okukola omulimu, Weweeyo nga omubuuza dii lw'ayagala nga gumaririzidwa era kikole ko, omulimu ogumaririze mu buude obugwanide. Kino kimulaga nti wamugaaso, ayagalwa era mukulu nyo.

Abaami, tugambye nti obuvunanyizibwa obutuweredwa katonda kwe kukulembera mu maaka. Naye mu mwoyo ogw'oku kolera awamu, kyamugaaso nyo okuleka mukyalawo okkulaga by'afako n'omukiriza yennyigire mu kusalawo kwa famire. Abaami n'abakyala betaaga okukolera awamu okufuna entegeka ne ebitereza, naye okusalawo okusembayo kwesigama ku musajja. Abasajja n'abakyala balina okukolera awamu okusobola okukola enteekateeka n'okugonjoola ebizibu byabwe, naye ekisembayo kiri eri omwami. Ekimu ku bilaga nti omuntu tanonya bibye yekka kwe kufuna ebirowoozo bya munne.

Buli kigambo ky'omalirira kinywezebwa na kuteesa; era tabaalanga n'okukulemberwa okw'amagezi. (Engero 20:18)

Awatali magezi okuteesa kufa naye kunywerera mu lufulube lw'abo abateesa ebigambo. (Engero 15:22)

Tutekedwa okuba abegendereza obutakozesa endowooza zaffe ez'okwe yagaliza, okutya, oba bye twagala, okulagila enneyiisa oba engeri gye tubeeraamu n'abagalwa baffe. Fena tuli banjawulo, era bulyomu atukiriza munne so si kwevuganya.

## **OKUSIMA EBUZIBA.**

Nyonyola kiki embeera zo ne ebikolwa bwebilina okuba eri omwagalwa wo.

Temutunuuliranga buli muntu ebibyo yekka, era naye buli muntu n'eby'abalala.  
(Abafiripi 2:4)

---

---

---

Temukolanga kintu kyonna olw'okuyomba newankubadde olw'ekitiibwa ekitaliimu, wabula mu buwombeefu buli muntu agulumizenga munne okusinga bwe yeegulumiza yekka. (Abafiripi 2:3)

---

---

---

naye olw'okwagala muweerezaganenga mwekka na mwekka. (Abaggalatiya 5:13)

---



---



---

Omuntu yenna tanoonyanga bibye yekka, wabula ebya munne. (1 Abakkolinso 10:24)

---



---



---

## Okwekebera 2

Obade ononya kufuna byoyagala byokka awaka? \_\_\_\_\_eye \_\_\_neda.

Bwoba ozemu eye, wandiika okwewaayo kwo eri okukyuusa, nga osaaba Katonda akuwe amanyi okutukiriza obw'eyamo bwo. Bwekiba kyetaagisa okusaba okusonyiwa okuva eri omwagalwa wo, kikole.

---



---



---



---



---

## 8. Okwagala Tekulwooza Bubi.

Ekigambo kya katonda kitugamba nti okwagala "tekulwooza bubi" (Abakkolinso 13:5). Enzivunula eya NASB egamba "tekubala kubonabona kukyamu." Okugeza okukuuma ebirowozo ebibi, okuza okusobya okw'ebyayita, okukuma olukalala olw'ebyalema omwagalwa wo, n'okukozesa ebintu bino buli lw'ofuna akakisa. Nga abakiriza, tuli ba kukyusibwa n'etubeera mu kifananyi kya Yesu Kristo, era tugambidwa nti tulina endowooza ya kristo mufte oluvanyuma lw'oku mukiriza, nga Omulokozi era Mukama (1 Abakkolinso 2:16)

### **FAYIRO YAMAZIMA.**

*Tekulwooza bubi—Logizomai*  
(Oluyonaani).

Ekigamba eky'okubala, okuteeka ebintu awamu mu ndowooza emu, okubala oba okugata, okwejjuzza nokubala.

Era n'ebirowozo byo nga bya muwendo mungi gye ndi, Ayi Katonda!

Okwagala kye ki?

Bwe bigattibwa awamu, nga bingi!  
Bwe mba mbibaze, bisinga omusenyu obungi;  
Bwe nzuukuka, nga nkyali wamu naawe. (Zabbuli 139:17–18)

Katonda bw'aba amanyi ebibi byonna bye tujja okukola era n'agamba nti ebirowoozo bye eri ffe ffenna birungi, olwo nsonga ki gy'olina okwekwasa okukuuma ebirowoozo ebibi eri munno? Bwofuna obusungu, ekiluuyi, oba obukawu eri omwagalwa wo, ojja kubeera n'embeera embi n'obutayagala kukola kintu kyona eri omuntu oyo. Kijja kukosa empuliziganya yo. Kino kibi. Osingibwa omusango gw'okubuusa amaaso munno, okugaana okumwagala, oba okusigala nga oli musunguwavu okumala ennaku? Okusonyiwa n'obutasonyiwa kuba kusalawo. Katonda tayagala tulinde okutusa lwe tuwulira nga tukyagala. Ennewulira ziringa abasabaze abalungi naye zikola nga omuvuuzi omubi. Tutekedwa okuleka ekigambo kya Katonda kituvuuge, so si nnewulira yaffe. Bwoba nga olemererwa mu nsonga eno, saaba katonda akyuuse omutima gwo n'ennyiisa eno embi ezikiriza, ekome.

Ensobi zeetaaga okukolebwako mu bwangu, era n'okunnyonnyolwa. Ebyo ebyaliwo ku Lwokubiri lwa wiiki ewedde byandibadde bikwatibwako mu kiseera ekyo, ne bigonjoolwa n'amagezi ga Katonda, era ne byelabirwa. Okufuna obusungu n'obukyayi ebibaawo ekiseera bwe kigenda kiyitawo kijja kukosa enkolagana yammwe. Olina okuleka amazima, so si nnewulira yo, okusalawo engeri gy'oyisaamu munno.

Mugobererenga emirembe eri abantu bonna, n'obutukuvu, awatali obwo siwali aliraba Mukama nga mutunuulira nnyo walemenga okuba omuntu yenna awee buuka mu kisa kya Katonda; ekikolo kyonna eky'okukaawa kiremenga okuloka n'okubeeraliikiriza, era ne kigwagwawaza abangi. (Abaebbulanyi 12:14-15)

Okugwagwawala kitegeeza nti omuntu omukambwe, ayinza okuba omufumbo, oluvannyuma ajja kuyiwa obutwa mu bulamu bw'abalala, n'abakosa n'okubalumya. Ebikolwa bino byawukana ku kwagala. Abaami n'abakyala bangi tebalowooza ku ky'okuba nti bakola ekitali kya kwagala. Tulina okusalawo obutalowooza bubi, wabula okufumiitiriza ku birungi.

Bangi bakosedwa obusagwa obuyiika okuva mu mwagalwa ku lw'obutasonyiwa. Ekigambo kya Katonda kigamba nti bwofuna obukawu, kiri nga obutwa obuyiika ne bukosa buli muntu akwetolode. Amaaka g'abaKristayo mangi gali mu busagwa bunu Katonda bwayogerako. Obutasonyiwa busagwa omuntu bw'anywa nga asubira okulumya omuntu omulala. Kitufu obutasonyiwa buli nga bulwade bwa kokolo. Bw'obukiriza, bujja kkulya okuva munda yo, bukose buli muntu akwetolode mu ngeri embi.

Enzivvula ya Baibuli eya *The Living Bible* egamba bw'eti ku kwagala:

Tekukola bitasaana, tekunoonya byakwo, tekunyiiga tekusiiba bubi ku mwoyo.  
(1 Abakkolinso 13:5)



Okwo kwe kunyonyola kwa Katonda eri okwagala. Tusonyiwe kyenkana ki? Ekigambo kya Katonda kigamba mu Matayo 18:22, "emirundi nsanvu mu musanvu," oba emirundi 490. Kino si kkomo, wabula ekyokulabirako ekitegeeza emirembe gyonna. Tusubira munno musonyiye mu ngeri eno. Mu Abeefeso 4:32, Pawulo yawandiika nti, "Mubeerenga n'ekisa mwekka na mwekka, nga musaasiragananga, nga musonyiwagananga, nga Katonda mu Kristo bwe yabasonyiwa." Ekigambo kya Katonda kiyigiriza nti okwagala kusonyiwa. Bulijjo beera mwetegefu okuwa okusonyiwa, n'okukusaaba.

## **OKUSIMA EBUZIBA.**

Nyonyola butya na lwaki tulina okusonyiwa abalala.

Era mubeerenga n'obulungi mwekka na mwekka, abakwatibwa ekisa, nga musonyiwagananga era nga katonda bwe yabasonyiwa mu kristo. (Abafeeso 4:32)

---

---

---

### *Entegeeka eyebikolwa.*

Obade ogoberera ebyokulabirako bya katonda ebyo kusonyiwa, okwelabira, n'okulowooza ebirowozo ebirungi eri omwagalwa wo? \_\_\_\_\_eye\_\_\_\_neda.

Bwekiba ssikyo, wandiika ebitundu mwolemeredwa okusonyiwa omwagalwa wo. Saaba katonda akusonyiwe era funa obuude okusaba omwagalwa wo akusonyiwe.

---

---

---

---

---

---

## **OKUSIMA EBUZIBA**

Nyonyola olunyiriri luno mubigambo byo. Oyinza dukozesa otya eri okusonyiwa?

Ebisigaddeyo, ab'oluganda eby'amazima byonna, ebisanira ekitiibwa byonna, eby'obutukirivu byonna, ebirongofu byonna, ebyagalibwa byonna, ebisiimibwa byonna, oba nga waliwo obulungi era oba nga waliwo ettendo, ebyo mubirowoozenga. (Abafiripi 4:8).

---

---

## 9. Okwagala Tekusanyukira Mu Butali Butuukirivu.

Kino kilagiro mu 1 Abakkolinso 13:6. Katonda agamba "Tokilwooza nako." Eryo ssiira.

### FAYIRO Y'AMAZIMA

*Obutasanyukira mubutali butukirivu (ekibi) – bwolaba omuntu nga agwa mukibi oba nga akola ensobi, toli musanyufu kukyo.*

Owulira esanyu omwagalwa wo bwafuna ebigambo eby'obu kambwe okuva eri abaana bo? Osuubira mutabani wo oba muwala wo ajja kukola ekintu ekikyamu ogambe omwagalwa wo, "laaba, singa wakikoze mu ngeri yange, kino tekyandi badewo?" Owulide nga osanyuse mu kasirise omuntu omulala bwalemererwa? Ekyo kibi. Baibuli etugamba okw'ezamu amaanyi n'okuterezengana.

Kale bwe kityo tugobererenga eby'emirembe n'eby'okuzimbagananga fekka na fekka (Abaruumi 14:19)

Kale musanyusaganenga, era muzimbaganenga buli muntu munne era nga bwe mukola. (Abesassolonika 5:11)

Baibuli etuwa okulaburwa ku butya bwe tukwataamu ekibi. Engero 14:9 egamba, "*Abasiru tebafaayo bwe bazza omusango; Naye abagolokofu bafuna ekisa kya Mukama.*" okudaala kitegeza "*okweyagala, okuyisamu amaaso, okuwoola, oba okubeera nga okwezimbya.*" Ekigambo *okufuna ekisa* kisibuuka mu makulu og'okusanyuka, okusanyukira oba okukiriza. Ng'abaami n'abakyala, tulina okunywerera ku kitundu ekisembayo eky'olunyiriri, nti abagalwa baffe bwe bagwa mu kibi, tubasaasira olw'omutima ogw'ekisa ogubazzamu amaanyi mu kwagala.

Omukazi bwe yakwatibwa mu kikulwa eky'obwenzi, abayudaya bamureeta eri Yesu ne babuuzza, "*musomesa, omukazi ono akwatidwa mubwenzi, mukikolwa. Kakano musa, mu mateeka yatulagira nti alina okukubibwa amayinja. Naye kiki kyoyogera?*" (Yokaana 8:4-5) Abayudaya baali bagezesa yesu. Era bali basanyufu nti omukazi yali akwatidwa era nga agenda kukubwa amanyija. (kigenderere: omusajja gwe yasobya naye yaliwa?)

Ebiseera ebimu omwagalwa wo ajja kweyiisa mu ngeri y'okwonona, osanga okulimba, okusunguwala, oba okulekaana. Okwanukula kwo kukino kubeera ki? Yesu yadamu bwati, "*oyo atayonongako mumwe, yaba amukuba ejinja*" (Yokaana 8:7). N'atandika okuwandiika wansi, era kikirizibwa nti yali amenya ebyonono by'abaali banenya, omu kw'omu, bonna baavawo kubanga emitima gyabwe gyalumirizibwa (olunyiriri 9). Yesu n'ayogera butereevu n'omukazi nti yali tamusalira musango, era guno gwe mukisa gwe okugenda n'ataddamu kwonoona. (olunyiriri 11)

Buli mwami n'omukyala bajja kujulira okuremererwa kw'abagala baabwe. Bwe tukilaba, twetaaga okuteeka mu nkola okwefuga. Engero 24:17 egamba, *"tosanyukanga omulabe wo bw'agwanga, so n'omutima gwo gulemenga okusanyuka bw'ameggebwanga."* Kubanga tetuli bakusanyuka omulabe wafe bwagwa, tugwanide kyenkana ki obutasanyuka abagalwa baffe nga baremeredwa?

Olw'obutonde bwaffe obwali bwagwa, buli omu ku ffe alina omuze ogw'okweyagaliza oluusi ogusanyuka omuntu bw'aba abonaabona olw'okusalawo mu ngeri ey'obusirusiru. Kye kitutwalira kwe kussako ttivvi ne tulaba pulogulaamu y'akazanyo akaliko abaseka, oba nga basanyusibwa ku lw'obusirusiru bw'abalala. "Otyo, omuntu oyo agwanira kyeyafunye."

Endowooza eno bw'eyingira mu maaka gaffe, erina ebivamu ebikosa abagalwa baffe n'abaana kubanga tetukirira Katonda bulungi. Kyononera daala era ne kibiika ku makulu g'okwagala. Tulaba abagalwa baffe nga balemererwa buli lunaku, naffe turemererwa buli lunaku, n'abaana baffe batusomooza buli lunaku. Ekibuzo kiri nti, oagenda kukikirira otya katonda mu mbeera zino? Bwe tuddamu okwetunulira ffe, twagala katonda atuyiise atya bwe turemererwa okumugulumiza n'enyiisa yafe?

Bw'osoma olugero lw'omwana eyazawa (Luuka 15:11-32), otegera omutima gwa taata eri omutabani eyagwa mu kibi, nga ky'ekifananyi ky'omutima gwa Kitaffe ali mugulu. Omwana we bwe yakola okusalawo okuda ewaka, baibuli egamba, *"N'agolokoka n'agenda eri kitaawe. Naye yali ng'akyali wala, kitaawe n'amulengera, n'amusaasira, n'adduka, n'amugwa mu kifuba, n'amunywegera nnyo."* (olunyiriri 20). Awatali kulaga nti wa wagulu mu mpisa ku lw'okugwa kwa mutabani we, yamusanyukira namunywegera. Abagalana bangi betaaga okufuna ekika kino eky'okwagala.

Bwe tutafayo ku kigambo kya Katonda, oba ne tuwakanya okulunganya okw'Omwoyo Omutukuvu, ne tugwa mu kibi oba ensobi, katonda tasanyuka. Wabula omutima gwe gumenyeka ku lw'obusirusiru bwaffe n'okujjema. Bwe wesanga nga toteka mu nkola okwagala n'omwagalwa wo, otekedwa okwatuula kino eri katonda, omusabe akusonyiwe, oluvanyuma wenyene, okyuke okuva eri ekibi kino. Katonda ajja ku kukyuusa omutima nga oyatuula n'oku mugondera.

Juukira, okuremererwa y'engeri Katonda gy'atulaga ebitundu ebyetaaga okukyusibwa era ffe okuyiga butya bwe tuddamu eri abagalwa baffe mu ngeri ey'obwa Katonda. Ekigendererwa kya katonda kwe kukyusibwa mu kifananyi kye.

Okusaasira okuva mu Baibuli kitegeeza nti tusonyiyibwa Katonda so si kubonerezebwa olw'ekibi kyaffe, olw'ekyo Kristo kye yatukolera n'ekisa kye. Naye era Bayibuli egamba nti Katonda akangavvula abaana be, ekitegeeza ggwe nange. Katonda yenyigiraamu. Tabulawo mu mbeera zino enzibu.

Okwagala kye ki?

## **OKUSIMA EBUZIBA.**

Nyonyola kiki ebya wandikibwa bino kye byogera ku kusasira n'obusaasizi. *Oyinza otya okukozesa kino mu bufumbo? Beera mulambulukufu.*

Mube n'ekisa, nga kitammwe bw'alina ekisa. (Luuka 6:36)

---

---

---

Balina omukisa ab'ekisa, kubanga abo balikwatirwa ekisa. (Matayo 5:7)

---

---

---

Kwe kusaasira kwa Mukama ffe obutamalwawo, kubanga ekisa kye tekiggwaawo. Kiba kiggya buli nkya; obwesigwa bwo bungu. (okukungubaga 3:22-23)

---

---

---

Kale Mwambalenga ng'abalonde ba katonda, abatukuvu era abaagalwa, omwoyo ogw'ekisa obulungi, okwewombeeka, obuteefu, okugumikiriza. (Abakkolisayi 3:12)

---

---

---

Okusaasira n'amazima tebikulekanga, bisibenga mu bulago bwo biwandiikenga ku bipande eby'omutima gwo. (Engero 3:3)

---

---

---

## Esomo 5: Tunulira Amazima, So Si Ekibi.

Obutonde obw'ekibi kyaffe kyagala okussa essira ku kulemererwa kw'omuntu omulala. Okukkiriza ekikemo kino kituleetera okulwala mu nnewulira era ne kyawula emitima gyaffe ku Katonda.

### Okwagala Kyeki?

#### 10. Okwagala Kusanyukira Amazima.

Otendereza omwagalwa wo, ng'omubuulira ebirungi by'akola, oba osinga kulaga obunafu bwe n'ensobi ze? Weegenderere, kubanga osobola okubeera n'ebirowooza bino ebibi, ne bw'oba nga tobyogerako. Kubaamu akafaananyi ng'obuuzza omwagalwa wo, "Okutwaliza awaamu, Buli wiiki oba mu lunaku, ebikuwa emikisa bimeka ebiva mu kamwa kange gy'oli okusinga ebintu ebibi ebingi?"

#### FAYIRO YAMAZIMA.

<i>Okusanyukira</i>	<i>amazima—</i>
okubeera	n'esanyu
ery'amaanyi,	okusobola
okusanyukira	ki ekituufu,
okusinzira	ku bisubizo bya
Katonda.	

Empuliziganya enungi ye, "oli otya? "olabise bulungi," "Ebintu bigenze bitya leero?" Ekibi kiri nti, "kikyamu ki ekikuliko? Nakusabye okole yo ekintu kimu" "lwaki okereye okuva ku mulimu" "kakati ekyegulo kinyogoze!" "Tofaayo ku maanyi g'entekaamu okukola kino?" "mukwano lwaki tewatuteyo kasasiro wabweru?" Kino kiyinza okuba engeri yonna ey'okulaga munno ensobi mu ngeri embi oba etali ya kwagala.

Awatali ku kizuula, enaku zifuuka wiiki, ne wiiki ne zifuuka emyezi, ebanga lyona nga tuusa obutwa mu bagala baffe, twonona gyebali, tetubagala, kubanga twagala nnyo okulaga bye ba takola obubi n'obutaloozoza ku kubatendereza olw'ebyo bye bakoze obulungi. Abaami n'abakyala balina okuloozoza ennyo ku bintu ebirungi ebikwata ku bannaabwe. Tulina okwegendereza okuba n'endowooza enkyamu. Kiba kirungi okukulaakulanya ebirowoozo ebirungi n'okubikozesa okuwanjwana omukisa. Tulina okusiima. Kino si kya kubalaata, wabula okwagala okwa nnamaddala okuva mu mutima ogw'okusiima.

Bwekiba nga obubi buno busindika Obufumbo bwo mu kubo ekyamu, kikyuse. Mukiseera kya famire oba mu kusaba, twala akaseera ogambe, "ffena lelo tubeko ekintu ekirungi kyetweyogerako" Kifuule ekisanyuusa. Leteera Famire okutandika okunoonya ebirungi mu bannaabwe. Kikulu nnyo okukolera awamu nga ttiimu. Bw'oba olina abaana, maama ne taata be basaanidde okusooka okugabana.

Twetaaga okusoma abagalwa bafe n'abaana, okuyiga amanyi gabwe, n'okubasiima ku lw'omutindo n'ebikolwa ebirungi.

### Okwekebera 1

Ofuuba mu kitundu kino? \_\_\_\_Eye\_\_\_\_Neda

Okwagala Kyeki.

Bwekiba nga bwekiri, menya ekitono enyo ebyamaanyi bisatu by'olabye mu mwagala wo. Saaba katonda akulage akaseera akasinga obulungi n'engeri eyo kwogeramu kino. Kyandi beera okuyita mu baluwa oba embooji mu kaseera k'ekyeguulo. Saaba katonda mu kaseerako ak'okweyawula akuyambe otegere omwagalwa wo oyige butya bw'omusiima.

---

---

---

---

---

---

---

### *Etegeeka Eyebikolwa 1*

Mukolere wamu nga omwami n'omukyala okwekubiriza mu kukola kino. Mwogerezeganye engeri ezimu bwe musobola okweyamba mu biseera byo bufumbo ebisomooza. Ziwandike wano.

---

---

---

---

---

---

---

### **Okusima Ebuziba.**

Nyonyola kiki enyiriri zino kyezogera ku kusanyukira mu mazima, ekirungi, na butya ennono zino bwe zisobola okukola mubufumbo bwo.

Era n'ebirowoozo byo nga bya muwendo mungi gye ndi, ai Katonda! Bwe bigattibwa awamu nga bingi bwe mba mbibaze, bisinga omusenyu omwendo, bwe nzuukuka, nga nkyali wamu naawe. (Zabbuli 139:17-18)

---

---

---

Okwagala kubeerenga kwa mazima mukyawenga obubi, mwegattenga n'obulungi (Abaruumi 12:9)

---

---

Mulabe omuntu yenna alemenga okuwalana ekibi olw'ekibi, naye ennaku zonna mugobererenga ekirungi mwekka na mwekka n'eri bonna. (1 Abasesolonikka 5:15)

## 11. Okwagala Kugumira Byonna.

Engeri endaala ey'okwagala mu 1 Abakkolinso 13:7 eri nti okwagala "Kugumira ebintu byonna" *obutaguma* kitegeza kubivaako, okwegamba nti tokyasobola kuwanirira n'owulira nga akoye okugezako. Tutekedwa okubeera mu Kristo buli lunaku tubeere n'akaseera ako ak'okusaba okusobla okugumikiriziganya n'okwegumikiriza.

### FAYIRO YAMAZIMA.

*Okugumira [ebintu byonna]—Stego (luyonani). Okukweka, okubikako. Okwagala kukweka ensobi eza balala oba okubabika. Okukumira wabweru ekiluuyi ng'elyato bwe likuumira amazi wabweru, oba akasolya enkuba.*

Bwe tuwulira nga abagala okubivaako, tetusobola kunenya bagalwa bafe. Kuno kujjema kwafe n'ekibi kyaffe. Twetaaga okubeera abesigwa, abewadeyo eri entegeeke za Katonda n'ekigendererwa kye mu bufumbo, nga tuteeka obwesigwa bwaffe mu Yesu mu kifo ky'ababagalwa baffe.

Okuzanyira ku bwongo bwa munno, okumusirikirira, okwanukula mu busungu, n'okukuma edowooza embi okumala enaku byonna kuba kwonona, era "si kugumira" mu kwagala. Oyinza okuwulira nga okosedwa era ng'olina ensonga naye okweyiisa bwotyoyo si ky'ekyokudamu.

Mubeeraganenga emigugu mwekka na mwekka, mutuukirizenga bwe mutyo ettteeka lya kristo. (Abaggalatiya 6:2)

Ekigambo okubeeragana kitegeza "Okukwata ekintu okukyetika, okusitula, okwetekako ekintu, okwetika ekintu." Okusigala nga ogondera okwagala kwa katonda ate nga omwagalwa wo takola kitundu kye, kiwurikika nga okwetika ekizitowa, naye kiraga kwagala. Katonda agamba twetaaga "okugumira" ebizibu mu bufumbo era waliwo ebiseera omubeezi omu wayitibwa okugumira mune.

Bwoba nga wayingira mu bufumbo nga tomanyi kigendererwa kya katonda eri Obufumbo, n'okusubirwa okukyamu, oba wakoze engeri ezitali za kigamba kya katonda okugezako okukyuusa omwagalwa wo, wandyesanga nga otabudwa, onyigirizidwa, nga oyagala kubivaako. Wali okigenderede nti abaami n'abakyala balina bye basubira nga bayingira mu bufumbo? Tusuubira abagalwa baffe okwogera, n'okukola ebintu mu ngeri gyetwagala, baleme okuba ekiziyiiza.

Okwagala Kyeki.

Obufumbo butwala obuude, emirimu ne saddaka, era mulimu ogutuwebwa Katonda. Kino daala wakikirizi? Bwoba tewegenderezeza, ekiluuyi kisobola okuyingira mu bufumbo bwo. Okugumira ebintu byonna mu kwagala kitegeza kukiriza buwereza bwo ng'omwagalwa – ekilungi, ekibi n'ekisomoza – n'okweyiisa mu ngeri ey'obwa Katonda. Kino kirimu okulaba okuremerwa kw'omwagalwa wo n'ensobi ze nga omukisa Katonda okukyuusa, si kumusalira musango oba okumugamba ebigambo ebikamwe, amasomo ag'okubasalira omusango.

## Okwekebera 2.

Zuula kiki Mukama kyabade akubikulira okuyita mu mwagala wo ekikuretera okwagala okubivaako? (Akakodyo: kizibu ki kyonenya omwagalwa wo? Endowooza yo eri ki?)

---

---

---

---

---

---

## OKUSIMA EBUZIBA

Zuula ennono mu bya wandikibwa bino ebiyinza okuyamba mu bufumbo bwo?

Era ffe abalina amaanyi kitugwanidde okwetikkanga obunafu bw'abo abatalina maanyi so si kwesanyusanga feka. (Abaruumi 15:1)

---

---

---

Mubeeraganenga emigugu mwekka na mwekka, mutuukirizenga bwe mutyo etteeka lya kristo. (Abaggalatiya 6:2).

---

---

---

## Okwekebera 3

Olina ekiluuyi kulw'ekikula katonda kye yawa omwagalwa wo? \_\_\_\_\_eye\_\_\_\_\_neda

Bwekiba nga bwekiri, nyonyola ensonga era okole entegeeka eyo okwanukula gyebali mu kwagala.



## 12. Okuwagala Kukiriiza Era Kusuubira.

Ennono y'eb yawandikibwa wano eri nti okuwagala kulina engeri eyo kukiriza ekisinga mu bantu n'ebwoba nga wandiyagade okwogera obulala. *Okukiriza* kigambo eky'okukola, ekyetagisa okubaako kyokola si nsonga wewulira otya. Ennono esembayo gyetwayiiga yali kugumira ebintu byonna, oba okubeera n'okuwagala okubika ku nsobi ez'omwagalwa wo n'okuwagala. Era kati tutekedwa okukiriza n'okusubira ebisinga obulungi gyebali n'okukuuma embeera ey'okusuubira. Twetaaga okuba abetegeefu buli kiseera okugoberera omukwano ogw'obwesigwa, ne bwe wabaawo obutali bwesigwa oba ensonga lwaki.

### FAYIRO Y'AMAZIMA

*Okukiriza—Pisteuo* (luyonani). okubeera n'okukiriza munda, oba okumatizibwa mu kintu ekirala, kiraga nti waliwo embeera ey'okusuubira.

Bulijo oteera okusaba okusonyibwa okuva eri omwagalwa wo oba omwana wo bw'okikirira Katonda obubi mu neyiisa yo gyebali? Yesu yagamba, *"oyo alina ebilangiro byange era abikuuma, yanjagala. Era oyo anjagala ali yagalibwa kitange, era nange ndi mwagala nendabisibwa muye"* (Yokaana 14:21). Okusonyiwa kwe kuwonya okw'Omwoyo omutukuvu okuleeta okutabagana omuntu asobole okutandika obuggya n'okukkiriza.

Abantu bwe bajja mu kuwaburwa kw'obufumbo, abasinga bagezaako okukola okuwagala kwa Katonda naye balemererwa ku lw'obutamanya. Tebasomesedwa, oba tebazuude kulwa bwe, Okulungamizibwa eri Obufumbo obulungi, era bawulira nga tebalina suubi, era nga betegefu okubivaako. Ebiseera ebisinga ebizitowa ebiteera okubasukulumako biva ku ngeri gyebannukulaamu eri eneyisa ya bagalwa babwe. Bw'otakiriza oba n'otasuubira bintu byona, nga bwe kigamba mu 1 Abakkolinso 13, kiba kitegeeza nti obuusa buusa Katonda.

Obuusa buusa katonda mu kaseera kano? Teeka obwesigwa bwo mu Ye. Obulimba bw'omwagalwa wo mu nsonga nga eye ebyesimbi, ebikolebwa mu nkukutu, bisobola okutabula, naye katonda ayagala tubeere n'esuubi era tukole eri obwesigwa mu bufumbo. Ensobi ezimu ezayita ziri ku bagalwa baffe nga akalaabba. Kino tekibeera kweyisa okusinzira ku kwagala kwa Katonda. Omuntu n'embeera eyo okutebereza abeera "tali kusuubira bintu byonna." Kino kibi.

Enkolagana omutali bwesigwa si nkolagana n'akamu. Entegeeka ya Katonda gyetuli kwe okubeera omu mu nnewulira. Tosobola kusonyiwa, newankubade okisabira, bwoba wekuute

Okwagala Kyeki.

ku kiluuyi, nga oganye okukiriza Katonda kyasobola okkukolera n'omwagalwa wo munda n'okuyita mu bufumbo bwo.

N'ennyumba bw'eyawukanamu yo yokka, enyumba eyo teriyinza kuyimirira.  
(Makko 3:25)

### **OKUSIMA EBUZIBA.**

Laaga ennono okuva mu byawandikibwa bino okuyamba Obufumbo bwo okuba n'esuubi n'okukiriza. Bigeregeranye ku nsonga ezenjawulo.

Yesu n'abaatunuulira n'abagamba nti mu bantu ekyo tekiyinzika, naye katonda ayinza byonna. (Matayo 19:26).

---

---

---

Kubanga tutambula olw'okukkiriza, si lwa kulaba. (2 Abakkolinso 5:7)

---

---

---

Nate okusuubira tekukwasa nsonyi, kubanga okwagala kwa katonda kufukiddwa ddala mu mitima gyaffe ku bw'omwoyo omutukuvu gwe twaweebwa.  
(Abaruumi 5:5)

---

---

---

### *Entegeka eyebikolwa 2*

Waliwo engeri zovudeko ez'okukiriza n'okusuubira mu bufumbo bwo? \_\_\_\_eye \_\_\_neda.

Bwekiba nga bwekiri, Nyonyola ensonga, osaabe Mukama okuwonye obutakiriza bwo era akuyambe okutekawo entegeka okukakasa omwagalwa wo nti ojja kukola ku bintu bino.

---

---

---

---

---

Bwoba olina obuzibu mu nsonga enno ey'okwesiga era nga wetaaga okweyongera okuyiga okwesiga Katonda n'okwesiga omwagalwa wo, oba wetaaga okufuna okusonyibwa mu bufumbo bwo. Maririza *ekyongerezedwako mu P: okwesiga n'okusonyiwa*. Kijja kukuyamba okuyiiga okusooka okwesiiga Katonda mu mbeera zonna, ne mukugesebwa n'okubonabona okwamaanyi n'omwagalwa wo, n'okutegera omugaaso ogw'okusonyiwa mu bufumbo bwo. Yiiga emitendera egy'okutabagaana eri abo abetaaga okusonyiwa n'abo abetaaga okusonyibwa.

### 13. Okwagala Kugumikiriza Ebintu Byonna.

Ekigambo kino ekikola kiraga nti okwagala kunyweza, kusigala kwa manyi, era kunyweza omusinji gwa kwo. Ekigendererwa kwe kubeerawo, okugumikiriza, okubonabona mu kugumikiriza. Obufumbo mulimu gwa manyi. Okukuza abaana mulimu gwa manyi. Embeera yo eri ki kati eri omwagalwa wo? Yeyo eraaga nti oli mwetegefu okukola ku bufumbo bwamwe n'okubutereza oba oli mu kubigumiira bugumizi kuboona nga totaddeyo mutima gwo n'ebiwoozo byo?

#### FAYIRO Y'AMAZIMA.

*Okugumikiriza [ebintu byonna]—*  
*Hupomeno (luyonani).*  
 Okunywereza wansi,  
 okubonabona, Okikiriza, wansi  
 w'ekintu, okubonabona (omugugu  
 gw'enaku) obugumikiriza,  
 okunyweza w'oyimiride nga  
 tokyasobola kugumikiriza  
 newankubade okusuubira.<sup>12</sup>

Nga bwe tukadiwa, emibiri gyafe gikyuka n'obulwade busobola okujja. Wandu yitibwa okulabirira omwagalwa wo, oba oyinza obutasobola kukola bintu bye wali okola oba byewali oyagala okukola. Kiyinza okuba nti embeera y'okwegatta tekyali nga bweyaali. Oli mwetegefu okukiriza kino nga ekitundu ku ntegeeka ya Katonda n'okugumikiriza okukiyitamu n'omutima omusanyufu, ogunonya Katonda n'amagezi ge mu lugendo? Abaami mujja kulemerako bakyala bamwe ne bwebaba nga tebakyalabika nga enkoko enseera we wa muwasiza, n'abakyala namwe bwemutyo?

Kyandi beera nti mwembi muli mukuyita mu kugezesebwa okwamaanyi era omulabe ayagala kugya akugambe, "*tokyakisobola kino*." Okwagala kunyweza we kuyimiride nga kilabika nga atakyasobola kugumikiriza. Tutekedwa okugumikiriza kulwe ekitibwa kya katonda. Okwagala kuteeka okukiriza n'obwesigwa mu Katonda omuyinza wa byonna, oyo ayagala okubawa omukisa mwembi n'omwagalwa wo – n'okuwa Obufumbo bwamwe omukisa. Obwesigwa bwa Katonda n'amaanyi bituuwa obusobozi okwesiga.

### OKUSIMA EBUZIBA.

Zuula butya enyiriri zino bwe zisobola okuyamba n'omwagalwa wo okuyita mu biseera ebizibu. Waa ekyokulabirako kubuli kimu.

Mulwoozenga byonna okuba essanyu, baganda bange, bwe munaagwanga mu kukemebwa okutali kumu; nga mutegeera ng'okugezebwa kw'okukkiriza

Okwagala Kyeki.

kwammwe kuleeta okugumiikiriza. Era omulimu gw'okugumiikiriza gutuukirirenga, mulyoke mubeere abaatuukirira, abalina byonna, abataweebuuka mu kigambo kyonna. (Yakobo 1:2-4)

---

---

---

Obwo bwe mujagulizaamu, newakubadde nga mwanakuwazibwa mu kukemebwa okutali kumu akaseera akatono kaakano, oba nga kibagwanira (1 Peetero 1:6)

---

---

---

#### **14. Okwagala Tekuremererwa.**

Ekisembayo, 1 Abakkolinso 13:8, egamba "okwagala tekuremererwa." Katonda asooka kutwagala, bwe tukitegeera era ne tukyaniriza, olwo ne tusobola okumwagala n'abalala. Kino kituzayo ku kirowoozo eky'omusingi gwaffe, enkolagana yaffe ne Katonda. Bwe tumusosa, ne tumutunulira buli lunaku ku lw'okulungamizibwa, n'okwagala okukola okwagala kwe, Katonda ajja kutuwa ekisa n'amaanyi ge twetaaga okuwangula.

Buli kigambo ekivundu kireme okuvanga mu kamwa kammwe, naye ekirungi bwe kinaabangawo olw'okuzimba nga omuntu bwe yeetaaga, abawulira kibawenga ekisa. So temunakuwazanga Mwoyo Mutukuvu owa Katonda, eyabateesaako akabonero okutuusa olunaku olw'okununulibwa. Okukaawa kwonna n'obusungu n'obukambwe n'okukaayana n'okuvuma bibavengako, awamu n'ettima lyonna: era mubeerenga n'obulungi mwekka na mwekka, abakwatibwa ekisa, nga musonyiwagananga, era nga Katonda bwe yabasonyiwa mu Kristo. (Abafeeso 4:29-32)

Baibuli erina bingi eby'okwogera ku mpuliziganya ey'okwagala. Singa Yesu yatulagira okukola ekintu Katonda ky'atajja kutusobozesa kutuukiriza, yandi bade mulimba. Era bwe tukozesa obutasobola bwafe nga ekiziyiiza eri okugondera Mukama, tuba tugamba katonda nti waliwo ensoga gy'atatunulira.

Buli ndowooza ey'okwesigama ku maanyi gaffe etekedwa okuwebwayo, watekebwewo amaanyi ga Katonda. Okukiriza nti tuli banafu ku lw'affe era nti tetwesobola kyetagisa eri Omwoyo wa Katonda okulaga amaanyi ge mufu. Katonda akimanyi tetwesobola mu mubiri ne mumanyi gaffe okwagalana obulungi. Simusunguwavu gyetuli bwe turemererwa, naye ayagala tutuuke mukifo we twewerayo, ne tujja gyali buli lunaku, kaseera ku kaseera, kulwe ekisa kye okuwangula.

Twetaaga okwejjukiza buli kaseera mu saala. *"katonda, netaaga amaanyi go n'ekisa buli lunaku okuwangula."* Tetusobola kwesigama ku kisa eky'ajjo. Leka tubeere kubigere bya Katonda buli lunaku nga tugamba, "katonda, nkusaba ekisa kyo n'okusasirwa nsobole okwagala omwagalwa wange n'abaana bange." Olunaku lwejjo telujja kugaba kisa kyetagisa. Ekyo okiyize? Bw'oba okiyize, era n'okola bw'oti, ojja kufuna ebibala by'Omwoyo gwa Katonda ebiva mu mutima gwo.

Jjukira nti omuti gw'omucungwa tegufuba kubala bibala byagwo. Bw'oyiga okusaba Katonda, n'owweesiga akuyambe okuba ow'ekisa era ow'okwagala eri munno. Ajja kukikola. Saaba buli lunaku, "katonda mpa amaanyi, ekisa okwagala omwagalwa wange, okuleka ebintu byembade nkola mu bukyamu. Era ompe ekisa, okwetowaaza, bwe ngiwa omwagalwa wange, ngende nsabe okusonyibwa mangu daala." Tekijja kubeera kufuuba kukyusa mutima gwo, naye okwejjuzamaanyi ga Katonda okwagala. Asubiza okukikola. Era bwokola kino, ogya kutandika okukyuka, naye otekwa okukola ekyo.

Gwe nange, Katonda ayagala atuwe omukisa. Ayagala agulumizibwe mu buli omu kufe. Naye tulina okusalawo okugondera Ekigambo Kye kye kitugamba okukola. N'ekyo ekiva mu nkolagana yaffe eyo kugondera Katonda buli lanaku ge maanyi ag'okugonda.

Twala akaseera osaabe esaala eno.

*Kitange, nkwebaza ku lw'amazima gano amalungi. Webale butatusubira kukola byonna mu maanyi gaffe, mu busoboozi bwafe, naye otuwade amaanyi ag'Omwoyo wo Omutukuvu atusobozesa okukola ebintu byonna okusinzira ku kwagala kwo. Era kitange, nsaba bwetuba tubade tukubuusa buusa amaanyi nti osobola okumpa n'omwagalwa wange, nsaaba oleete okulimiriza, okyuuse emitima gyafe. Tuwe esuubi okuteeka obwesigwa bwafe mugwe, okukola emirimu egy'amaanyi mu buli bulamu bwaffe, mu bufumbo bwaffe, era tusaba wona awali embeera embi oba ebikolwa ebiri okukolebwa otuwe emitima emiwombefu, okwagala, okusaba okusonyibwa, n'okwagala okusonyiwa. Mukama, twagala ogulumizibwe. Twagala amaaka gaffe gabeere ekifo abantu webakulabira ne mubulamu bwafe. Tukwebaza, tukusinza, era tukusaba ebintu bino mulinya Iya Yesu. Amina.*

## Okwekebera 4

Ekiisooka, maririza *eky'ongerredwamu E: Okwekebera mu mpuliziganya enungi* okulaba butya bwowuliziganyaamu ne munno. Kigenderedwamu okuyamba okuzuula esibuko y'ebirowozo ebitali bya bwa Katonda, ennewulira oba enneyiisa ebirese empuliziganya etali yakwagala.

Ekyokubiri, maririza *Ekyongerredwamu F: okutereza empuliziganya ey'okwagala.* Kitegekedwa okuyamba okuzuula ebitundu bye wetaaga okukyusa n'okukulungama okuyita mu mutendeera ogw'okutabagana n'omwagalwa wo.

Toganya mulabe kukulimba mu kukola ebitali bilungi mu kitundu kino. Kuno Okwekebera kutekedwa okumaririzibwa buli kiseera bwe wabeerawo empuliziganya etalimu kwagala wakati

Okwagala Kyeki.

w'omwami n'omukyala okutuusa nga bitegeredwa bulungi era n'okuteeka mu nkola okusonyiwa n'okutabagaana nga bifuuse kitundu kya bulijo mu nkolagana.

Ku lw'okutegera okwebuziba ku kusonyibwa n'okutabagaana. Daayo olabe *ekyongeredwamu*  
*P: okwesiga n'okusonyiwa.*

## Ebyongerezeddwako Eby'okukozesa

Ebyongerezeddwako bino baamu ng'ebikozesebwa ebirala. Zisangibwa mu mizingo gyonna etaano, naye si byonna ebigattibwako bye biba mu buli mizingo. Bw'oba oyagala okwetegereza ekyongerezeddwako ekigere, funa we kiri mu lukalala luno wammanga.

Ekyongerezeddwako A: Ebbaluwa ey'Okwewaayo	Omuzingo 1
Ekyongerezeddwako B: Okuwaayo Obulamu Bwo eri Kristo	Omuzingo 1
Ekyongerezeddwako C: Okukulaakulanya Enkolagana Ey'oku Lusegere Ne Katonda Buli Lunaku	Omuzingo 1
Ekyongerezeddwako D: Ebitabo Ebisembwa	Omuzingo 1
Ekyongerezeddwako E: Okwekenenya Okuwuliriza Okulungi	Omuzingo 2
Ekyongerezeddwako F: Okulongoosa Empuliziganya Yo ey'Okwagala	Omuzingo 2
Ekyongerezeddwako G: Okumenya olujegere	Omuzingo 2 & 3
Ekyongerezeddwako H: Ebyetaago by'omwami	Omuzingo 3
Ekyongerezeddwako I: Engeri ya Baibuli Omwami gy'Ayanukulamu Eri Okuziyizibwa	Omuzingo 3
Ekyongerezeddwako J: Engeri yebyawandikibwa omwami gyatukuzamu mukyala we.	Omuzingo 3
Ekyongerezeddwako K: Ebyetaago by'Omukyala	Omuzingo 3
Ekyongerezeddwako L: Ebyetaago by'Omukwano	Omuzingo 3
Ekyongerezeddwako M: Ebintu Ebitera Okwesittaza	Omuzingo 3-5
Ekyongerezeddwako N: Akaboozi Mu Bufumbo Eri Abasajja	Omuzingo 4
Ekyongerezeddwako O: Akaboozi Mu Bufumbo Eri Abakyala	Omuzingo 4
Ekyongerezeddwako P: Obwesige n'Okusonyiwa	Omuzingo 2-5
Ekyongerezeddwako Q: Okwekebeera mu bufumbo	Omuzingo 5
Ekyongerezeddwako R: Enkuluze	Omuzingo 1-5

## **Ekyongerezeddwako E: Okwekenenya Okuwuliriza Okulungi.**

### **Ekyongerezeddwako F: Okwekebeera Mu Bulungi Bw'okuwuliriza.**

Maliriza okwekebera kuno okukuyamba okumanya engeri gy'owulirizaamu. Buli kibuzo kiddemu mu bwesimbu.

Ebibuzo bitekedwa okumaririzibwa buli kaseera bwe wabawo empuliziganya etali yakwagala wakati wo mukyala n'omwami paka nga okutegeera kumaririzidwa ne muteeka munkola okusonyiwa ne okutabagaana nebifuuka kitundu kya bulijjo mu nkolagana.

#### **Empiisa Z'empuliziganya Zibikulidwa.**

#	Okola bino wamanga?	Ebiseera ebisinga	Buli kaseera	Lumu na lumu	Kyenkana sikola
1	Tossayo mwoyo eri omwagalwa wo bwoba tokkiriziganya naye oba nga toyagala kuwuliriza?				
2	Ossaayo omwoyo ku ebyo by'oyogera ne bw'oba nga toyagala?				
3	Otebereza nti omanyi omwagalwa wo kyagenda okwogera n'olekerawo okuwuririza?				
4	Oddamu ebigambo by'omwagalwa wo by'ayogedde??				
5	Owuririza ensonga y'omwagalwa wo, newankubade nga eyawukana n'eyiyo?				



#	Okola bino wamanga?	Ebiseera ebisinga	Buli kaseera	Lumu na lumu	Kyenkana sikola
6.	Oli mwetegefu okubayigirako ekintu kimu okuva gye bali, ne bwe kiba nga kirabika ng'ekitali kikulu?				
7	Ozuula kiki ebigambo kye bitegeza nga bikozesedwa mungeri etali yabulijo?				
8	Obeera olowooza ekinawakanya mu mutwe gw'omwagalwa wo akyayogera?				
9	Olaga nti owuririza naye nga toli kuwuririza?				
10	Ebiroozo byo bigenda ku bintu ebirala ng'omwagalwa wo ayogera?				
11	Owuliriza okuteegera ensonga enkulu, si mazima gokka?				
12	Okilaba nti ebigambo ebiseera byonna tebitegeeza kintu kye kimu eri abantu ab'enjawulo?				
13	Owuririza ebyo byokka by'oyagala okuwulira, n'olondamu mu bubaka bwo mwaana wo?				
14	Otunulira omwagalwa wo nga ayogera?				

Okwagala kye ki?

#	Okola bino wamanga?	Ebiseera ebisinga	Buli kaseera	Lumu na lumu	Kyenkana sikola
15.	Ossaayo omwoyo ku ekyo omwagalwa wo ky'ategeeza mu kifo ky'engeri gy'alabikamu?				
16.	Omanyi ebigambo byotekera okwanukula mu ngeeri ekwatidwako?				
17	Olowooza kw'ekyo kyoyagala okutuukiriza ne mpuliziganya yo?				
18.	Oteekateeka ekiseera ekisingayo obulungi okwogera ky'oyagala okwogera?				
19.	Olowooza ku ngeri munno mu bufumbo gy'ayinza okweyisaamu ng'oyogedde?				
20.	Olowooza ku ngeri esingayo obulungi ey'okuwuliziganyamu (mu buwandiike, mu kwogera, ne/oba obudde mw'okikolera)?				
21.	Bulijo ofaayo kunewulira y'omwagalwa wo ng'oyogera naye (oba ayisidwa bubi, munakuwavu, mwerarikirivu, mukambwe, tayagala, omwanguya, musunguwavu n'ebirala)				

#	Okola bino wamanga?	Ebiseera ebisinga	Buli kaseera	Lumu na lumu	Kyenkana sikola
22	Okyuusamu mu mupuliziganya yo okusinzira ku mbeera n'ekikula ky'omwagalwa wo?				
23.	Oteebereza nti omwagalwa wo amanyi era ategeera by'oyogera era/oba bye wayogera nabo?				
24	Okiriza omwagalwa wo mu butakunyoma okulaga enewulira ye embi awatali kumuziyiiza?				
25	Ofuba buli kiseera okwongera okuwuliriza obulungi?				
26	Owandiika bwe kiba kyetaagisa okukuyamba okujjukira?				
27.	Owuliriza bulungi awatali kuwugulibwa ebintu ebyetoolodde?				
28	Owuririza omwagalwa wo awatali kumusalira musango oba kumuwakanya?				
29.	Odamu ebilagiro n'obubaka okukakasa nti otegedede bulungi?				
30	Ofaayo lwaki omwagalwa wo awulira bw'atyo?				

Okwagala kye ki?

Oluvannyuma lw'okuddamu ebibuuzo 30, jjuza omuwendo gw'obubonero ku lupapula oluddako.

**Okwekebeera Mu Bulungi Bw'okuwuliriza n'obuboneero obufunidwa mu.**

Ssako enkulungo oba omyuse omuwendo ogukyikiririra etuluba ly'olonzeko kubuli nsonga ey'Okwekebeera Mu Bulungi Bw'okuwuliriza.

#	Ebiseera Ebisinga	Buli kaseera	Lumu na Lumu	Kyenkana neda
1	1	2	3	4
2	4	3	2	1
3	1	2	3	4
4	4	3	2	1
5	4	3	2	1
6	4	3	2	1
7	4	3	2	1
8	1	2	3	4
9	1	2	3	4
10	1	2	3	4
11	4	3	2	1
12	4	3	2	1
13	1	2	3	4
14	4	3	2	1
15	4	3	2	1
16	4	3	2	1
17	4	3	2	1
18	4	3	2	1
19	4	3	2	1
20	4	3	2	1
21	4	3	2	1
22	4	3	2	1
23	1	2	3	4
24	4	3	2	1
25	4	3	2	1
26	4	3	2	1
27	4	3	2	1

#	Ebiseera Ebisinga	Buli kaseera	Lumu na Lumu	Kyenkana neda
28	4	3	2	1
29	4	3	2	1
30	4	3	2	1
Omugatte				

Bala emigatte gyo egiri wansi wa buli ttuluba, oluvannyuma obigatta wamu okusobola okufuna omugatte ogw'awamu. Manya omutindo gw'okuwuliriza gwo ku lupapula oluddako.

### OMUGATTE OGW'AWAMU \_\_\_\_\_

#### Omutindo gw'okuwuliriza.

Wandiika z'ofunye kumusitaale omutuufu wansi okusobola okumanya omutindo gwo ogw'okuwuliriza.

- 110–120: Omuwuliriza Assukulumye \_\_\_\_\_
- 99–109: Omuwuliriza ali waguulu w'ekigero \_\_\_\_\_
- 88–98: Omuwuliriza ow'ekigero \_\_\_\_\_
- 77–87: Omuwuliriza atali bubi nyo \_\_\_\_\_
- <77: Omuwuliriza omubi \_\_\_\_\_

Oluvannyuma lw'okutegeera omutindo gw'okuwuliriza kwo, kiyinza okukwetaagisa okumanya ebifo by'olina okukyusaamu. Jjuza ekiwandiiko ky'omukwano ekiddako mu Ky'ongerezedwako G: Okulongoosa empuliziganya y'okwagala kwo, erina okukozesebwa n'okwekebera kuno ng'olaba empuliziganya etali ya kwagala ng'eragibwa.

Jjukira: Omuyigirizwa wa Kristo ow'amazima tagezaako kufuna kumanya kwokka. Omuyigirizwa ow'amazima yeewaayo okuyiga n'okugoberera ennono Katonda z'ayigiriza mu Kigambo kye. Okussa ssente n'ebiseera mu kuyiga n'okutambulira ku nnono Katonda z'akulaga okuyitira mu bintu bino kijja kukyusa obulamu bwo nga Katonda bw'ayagala.

## **Eky'ongerezedwamu F: Okulongoosa Empuliziganya Yo ey'Okwagala.**

Maliriza kinnoomu, oluvannyuma mweekenneenye era mukubaganye ebirowoozo ng'abafumbo bw'oba mufumbo.

Oluvannyuma lw'okumaliriza Eky'ongerezedwako F: *Okwekebeera Mu Bulungi Bw'okuwuliriza* n'okugatta awamu obubonero bwo, wandiika olukalala lw'ebifo by'olina okukulembeza okukyusa.

1. \_\_\_\_\_
2. \_\_\_\_\_
3. \_\_\_\_\_
4. \_\_\_\_\_
5. \_\_\_\_\_
6. \_\_\_\_\_
7. \_\_\_\_\_

Weekenneenye okwagala ky'eki ekiri mu muzingo 2, essomo 4–10. Wandiika ebintu byonna ebitali mu Bayibuli by'obadde okola mu maka go. Saba Katonda akuwe ekisa n'amaanyi okukyusa ebintu ebyo.

1. \_\_\_\_\_
2. \_\_\_\_\_
3. \_\_\_\_\_
4. \_\_\_\_\_
5. \_\_\_\_\_
6. \_\_\_\_\_
7. \_\_\_\_\_
8. \_\_\_\_\_
9. \_\_\_\_\_
10. \_\_\_\_\_

### **Okutabagaana.**

Bw'oba okkiriza nti obadde tolaga mpuliziganya ya kwagala n'abaana bo (oba omuntu omulala), goberera bino wammanga okutabagana.

1. Kino kyatule eri Mukama era musabe akusonyiwe olw'obutalaga mwagalwa wo kwagala.

Bwe twatula ebibi byaffe, ye wa mazima era omutuukirivu okutusonyiwa ebibi byaffe, n'okutunaazaako byonna ebitali bya butuukirivu. (1 Yokaana 1:9)

2. Saba Katonda ajjuze omutima gwo okwagala obuggya eri omwagalwaa wo.

n'okusuubira tekukwasa nsonyi, kubanga okwagala kwa Katonda kufukiddwa ddala mu mitima gyaffe, mu Mwoyo Omutukuvu gwe twaweebwa. (Abaruumi 5:5)

3. Genda eri omwagalwa wo okole okwatula.

Ng'ekyokulabirako, "Nkwagala nnyo, naye nkimanyi nti mbadde sikulaga kwagala okwo mu bigambo byange. Mbadde sirina bugumiikiriza (nga sirina kisa, n'ebirala), era nneetaaga okwetonda. Nkusaba onsonyiwe. Nkwagala nnyo era ndi musanyufu nnyo okuba omwaami/mukyala wo."

4. Ssaba n'omwagalwa wo

### **Obweyamo.**

Wandiika essaala ey'okweyama okunoonya Mukama olw'amaanyi ge okukyusa ebitundu bino n'okufuuka omufumbo Katonda gw'ayagala.

---

---

---

---

---

---

---

---

---

---

## **Ekyongerezeddwako G: Okumenya olujegere**

Kino kijja kuyamba okukwasaganya ebitundu ebyetaaga okukyusibwa n'okumenya olujegere munevisa embi. Ekisa kya katonda tekikomanganko. Obuzibu kwe kwagala kwafe.

### **Edaala 1**

Buli kiro, maala obuude weka ne mukama. Omusabe agonze omutima gwo era ayogere nawe ku ki kyewandikoze mungeri eye ngyawulo mubiseera byokwogera, okukayana, oba mu mbeera ne omwagalwa wo mu lunaku olwo. Wandika byozuude mubanga eri liri wansi.

---

---

---

---

---

---

Mwekebeere mwekka oba nga muli mu kukkiriza, mwekeme. mwekka. Oba temwetegeera mwekka nga yesu kristo ali mu mmwe? -wabula nga muli abatasimiibwa. (2 Abakkolinso 13:5)

### **Okwekebeera.**

Waliwo ekintu ekimu kyenandi yogede oba nandikoze ekigulumiza katonda oba ekikomya embeera okugikomya obutaba ya kuyomba?

---

---

---

### **Edaala 2.**

Nga bwosoma enyiriri zino, saaba mukama akubikulirire ebitundu ebyetaga okutereza.

Okwagala kugumiikiriza, kulina ekisa; okwagala tekuba na buggya; okwagala tekwekulumbaza, tekwegulumiza tekukola bitasaana, tekunoonya byakwo, tekunyiiga, tekusiba bubi ku mwoyo; tekusanyukira bitali bya butuukirivu, naye kusanyukira wamu n'amazima; kugumiikiriza byonna, kukkiriza byonna, kusuubira byonna, kuzibiikiriza byonna. Okwagala tekuggwaawo emirembe gyonna: naye oba bunnabbi, bulivaawo; oba ennimi, zirikoma; oba okutegeera, kulivaawo. (1Abakkolinso 13:4-8)



**Okwekebeera 1: Wali simugumikiriza? Okubonabona okuwanvu kitegeza wateeka munkola ekibala ekyo mwoyo.**

Naye ebibala by'Omwoyo kwe kwagala, okusanyuka, emirembe, okugumiikiriza, ekisa, obulungi, okukkiriza. (Abaggalatiya 5:22)

Omubiri gwo gwa gezako okunonya obwenkanya kulwe ekikyamu kyofunye oba nolwana okufuna engeri yo? Nyonyola.

---

---

---

---

---

---

**Okwekebeera 2: Tewali wakisa? Ekyawukana ku kisa lye tiima.**

Mu kwagala kw'ab'oluganda mwagalanenga mwekka ne mwekka mu kitiibwa buli muntu agulumizenga munne. (Abaruumi 12:10)

Wasikuula omwagalwa wo? Wanyiiga, wayimusa edobozi lyo, oba wayogera ebintu ebiluma? Wasaala omusango oba tewafaayo, olina ekiluuyi eri omwagalwa wo? Nyonyola.

---

---

---

---

---

---

**Okwekebeera 3: obuggya bwe bwali emabega go kukyankalana eri omwagalwa?**

Tutambulenga nga tuwoomye nga, mu musana, si mu binyumu ne mu mbaga ez'okutamiiranga, si mu bwenzi n'obukaba, si mu kuyombanga n'obuggya. Naye mwambale mukama waffe yesu kristo, so temutegekeranga mubiri, olw'okwegomba. (Abaruumi 13:13-14)

Ddamu ekibuuzo.

---

---

---

---

**Okwekebeera 4.** Wali wegulumiza? Wanyomanga omwagalwo no mureteera okuwulira nga atagaasa?

Bwe mutyo, abavubuka, mugonderenga abakadde. Era mwenna mwesibenga obuwombeefu, okuweerezagananga mwekka na mwekka, kubanga Katonda aziyiza ab'amalala, naye abawombeefu abawa ekisa. (1 Peteero 5:5)

---

---

---

---

---

---

---

**Okwekebeera 5: wali mukambwe oba weyiisa mu ngeri etasana?**

Buli kigambo ekiuvundu kireme okuvanga muu kamwa kammwe naye ekirungi bwe kinaabangawo olw'okuzimba nga omuntu bwe yeetaaga abawulira kibawenga ekisa. (Abafeeso 4:29)

Waswaza omwagalwa wo oba wayogera ekintu ekibi kubo mu maaso g'omuntu omulala? Wali mukambwe, oba wakola ekintu kyebatakuabye kukola? Nyonyola.

---

---

---

---

---

---

---

**Okwekebeera 6:** Wali welowozako wekka nga olowooza ku nsonga za mwagalwa wo? Wewolerereza okukuma ekifo kyo oba ebikolwa byo tewabifaako?

Temukolanga kintu kyonna olw'okuyomba newankubadde olw'ekitiibwa ekitaliimu, wabula mu buwombeefu buli muntu agulumizenga munne okusinga bwe yegulumiza yekka. (Abafiripi 2:3)

---

---

---

---

---

---

**Okwekebeera 7:** Wali ofuuna ebirowozo ebibi eri omwagalwa wo okumala edakiika, esawa, oba ennaku embeera nga tenaba kubawo? Katonda atugabye obutabeera na birowozo bibi, naye okusonyiwa.

Nga tumenya empaka nabuli kintu ekigulumivu ekikulumbazibwa okulwana n'okutegeera kwa katonda, era nga tujeemula buli kirowozo okuwulira kristo. (2 Abakkolinso10:5)

Wetaaga okutwala obuvunanyizibwa obwokuleka endowooza yo okulibwa ebirowozo ebibi eri omwagalwa wo. Katonda atumanyi, alaba ebibi bye byayita byaffe, ebiriwo ne ebyo mumaaso, kyoka ebirowozo bye gyetuli nebisigala nga bilungi. (Zabbuli 139:17-18). Tuyinza tutya okukakasa ebirowozo ebibi eri abagalwa bafe? Bwekiba nga kino kizibu kyo, birowozo ki na mbeera ki zotekedwa okwegana, okwatuula, era ozireke obeere ne mukama? Menya ebitundu ebye ngyawulo oba Emirandira egireeta obukawu oba ekiluuyi.

Damu era yongerako esaala osabe katonda akyuuse omutima gwo.

---

---

---

---

---

---

**Okwekebeera:** Obade okiriza okugwamu amanyi ne esubi eri omwagalwa wo okusukuluma ko?

Nate okusuubira tekukwasa nsonyi, kubanga okwagala kwa katonda kufukidwa ddala mu mitima gyaffe ku bw'omwoyo omutukuvu we twaweebwa. (Abaruumi 5:5)

Kubanga mmanyi ebirowoozo bye ndowooza gye muli, bw'ayogera mukama ebirowoozo eby'emirembe so si bya bubi, okubawa okusuubira enkomerero yammwe ey'oluvannyuma. (Yeremiya 29:11)

Obusiza busiza katonda na amanyi agasukulumye okwegayiriira ku lulwo? Okwagala "kusuubira byonna", tekubusabusa bintu byonna. Bwoba obusabusa katonda, otunulira ebya yita oba ebizibu byo mumaaso era nga si kwagala kwonna okwa katonda owa manyi, ogya kugwamu



---

---

---

## Ek Yongerezeddwako P: Obwesige N'okusonyiwa

Zabbuli 139 eyigiriza nti Katonda amanyi buli omu ku ffe, nti ebikolwa byaffe byonna n'ebirowooza byaffe bimanyiddwa gy'ali ne bwe biba nga tebinnaba kumanyibwa gyetuli. Nga tonnaggulawo mutima gwo eri Katonda, okukkiriza Yesu nga Mukama era Omulokozi, yali amanyi nti ojja kujja. Katonda tayagala muntu yenna kuzikirira; kyokka, okuyita mu kukozeza eddembe ly'okwesalirawo, awa buli muntu eddembe okumugaana.

### Okwesiga katonda nebyayita byaffe nokugezesebwa

Abantu bonna ab'oku nsi abalwooza nga si kintu,  
era akola nga bw'ayagala mu ggye er'yomu ggulu,  
era ne mu abo abatuula mu nsi.

Tewali ayinza okuziyiza ky'ayagala okukola,  
wadde okumubuuza nti, "Okola ki?" (Danyeri 4:35)

<sup>1</sup>Ayi Mukama, wannoonya nze, wammanya.

<sup>2</sup>Omanyi bwe ntuula, era ne bwe ngolokoka,  
Otegeera okulwooza kwange nga kukyali wala.

<sup>3</sup>Onoonyeza ddala ekkubo lyange n'okwebaka kwange,  
Era omanyi amagenda gange gonna.

<sup>4</sup>Kubanga simuli kigambo mu lulimi lwange,  
Laba, Ayi Mukama, ggwe ky'otomanyira ddala. (Zabbuli 139:1–4)

#### FAYIRO y'AMAZIMA

*Omufuzi*—Okubeera n'obuyinza  
obw'oku ntikko, amagezi  
agataliiko kkomo, n'obuyinza  
obujjuvu.

Katonda yatonda Adamu ne Kaawa, era yabagaana ekintu kimu kyoka: temulya ku Muti gw'Okumanya Ekirungi n'Ebibi. Naye baalimbibwa Sitaani era, mu bujeemu, ne basalawo okulya ebibala by'omuti ogwo. Kino kyaleeta ekikolimo ky'ekibi ku bantu bonna. Mu Adamu, Katonda yawa abantu eddembe okulonda ebirungi, naye n'akyuka n'adda mu bibi. N'olwekyo bonna kati abasalawo okuddamu okuzaalibwa ng'abaana ba Katonda, olw'okukkiriza mu Kristo, bakyabeera mu nsi eyagwa era bakwatibwako obubi obubeetoolodde. Singa Katonda yakuuma abaana be okuva mu bizibu byonna n'ebibi byonna, abantu bandibadde bakubirizibwa okuddukira gy'ali olw'obukakafu bw'obulamu obwangu. Ensonga eno yennyini ye yatandika ebyaliwo mu ggulu wakati wa Katonda ne Sitaani ku bikwata ku bulamu bwa Yobu.

<sup>9</sup>Awo Setaani n'addamu Mukama nti, "Yobu atiira bwereere Katonda? <sup>10</sup>Tomusizaako lukomera okumwetooloola, ye n'ennyumba ye, ne byonna by'alina? Owadde omukisa byonna byakola, n'ebintu bye byaze mu nsi. <sup>11</sup>Naye kaakano golola omukono gwo omuggyeko byonna by'alina, ajja ku kwegaanira mu maaso go." (Yobu 1:9–11)

Katonda yakkiriza Sitaani okugezesa okukkiriza kwa Yobu ng'ayita mu kufiirwa ebintu bye, abaana be, n'oluvannyuma obulamu bwe. Katonda Kitaffe ayagala era taleeta bubi mu bulamu bwaffe; kyokka, olw'ekigendererwa kye n'olw'obulungi bwaffe obw'enkomerero, atukkiriza okukwatibwako okugezesebwa. Yobu yeeyongera okwesiga Katonda mu kubonaabona kwe kwonna, era okukkakkana ng'alina enkolagana ey'oku lusegere n'Omutonzi we n'okuzzaawo emikisa mu bujjuvu.

Yobu yebuza ensonga lwaki Katonda yali amukkiriza okubonaabona. Katonda yali alangidde Yobu okuba omusajja omutuukirivu mu Yobu 2:3, n'olwekyo n'abuuza lwaki. Okumala essuula eziwerako, yabonaabona olw'ensonga eyamuleetera okugezesebwa. Katonda teyaddamu butereevu wabula yakyusa amaaso ga Yobu n'atunuulira amaanyi ge n'ekitiibwa kye, ebyolesebwa mu butonde. Okunoonya kwa Yobu kwatuuka ekiseera ne kumatizibwa okuyita mu kutegeera okusingawo ku bukulu bwa Katonda. Okufaananako Yobu, bwe tufuna ebigezo, tunoonya okunnyonnyola. Era bwe kityo bwe kiri ne ku bufumbo bwaffe n'okugezesebwa okulabika ng'okuzitoowerera ennyo. Ekimu ku bintu bingi bye tuyinza okuyigira ku Yobu kwe kuba nti *lwaki* kibuuza kikyamu. Mu kifo ky'ekyo tusaanidde okubuuza Katonda *kiki*.

Kiki Ky'ogezaako Okunjigiriza?

Kiki ky'oyagala gyendi mu kiseera kino eky'okubonaabona?

Omuntu yenna bw'akemebwanga, tayogeranga nti Katonda ye ankema, kubanga Katonda takemebwa na bubi, era ye yennyini takema muntu yenna. <sup>14</sup>Naye buli muntu akemebwa, ng'awalulwa okwegomba kwe ye n'asendebwasendebwa. (Yakobo 1:13–14)

<sup>1</sup>Awo Yobu n'addamu Mukama ng'agamba nti:

<sup>2</sup>Mmanyi nga ggwe oyinza byonna,

Era nga tewali kigambo kye wateesa ekiyinza okuziyizibwa. . . . <sup>5</sup>Nnawuliranga

buwulizi bye bakwogerangako,

Naye kaakano nkulaba na maaso gange." (Yakobo 42:1–2, 5)

Waliwo ekimu ku bitundu by'obulamu bwo ekisukka amaanyi ga Katonda, amagezi ge, oba obuyinza bwe? Lwaki oba lwaki nedda?

---



---



---



---



---



---

Okwagala kye ki?

Mbeera ki mu bulamu bwo Katonda gye yali tamanyi nga bukyali nti ojja kwolekagana nayo?

---

---

---

---

---

*Mu oyo naffe mwe twafuukira abasika, bwe twayawulibwa edda mu kumalirira kw'oyo akola byonna nga bw'ayagala mu kuteesa kwe. (Abaefeso 1:11)*

How should you respond to disappointments, difficulties, suffering, and trials?

---

---

---

---

---

Singa Katonda yali amanyi byonna ebyali bigenda okubaawo nga tetunnazaalibwa, kiba kitegeza nti, okuyita mu kumanya kwe okwasooka, twategekebwa dda okuyita mu kisa kye okubeera n'obulamu obwatuweebwa. Katonda takugira kugezesebwa oba bubu obutatukwatako, oba okulemesa okusalawo kwaffe okubi, naye asubiza okukola byonna ku lw'obulungi mu bulamu bw'abo abeewaddeyo gy'ali.

*Era tumanyi nti eri abo abaagala Katonda era abayitibwa ng'okuteesa kwe bwe kuli, ebintu byonna abibakolera wamu olw'obulungi. <sup>29</sup>Kubanga abo bonna be yamanya edda, era yabaawula dda okufaanyizibwa n'engeri y'Omwana we, abeerenga omubereberye mu b'oluganda abangi. (Abaruumi 8:28–29)*

Oyinja okusalawo okukuuma obusungu eri abazadde abakumalamu amaanyi, omwagalawo mubufumbo eyakulekawo, mikwano gyo egyakulemesa, oba ddereeva atamidde n'atta omwagalwa wo. Oba tuyinza okussa okukkiriza kwaffe mu Katonda Omufuzi wa byona.

Bwe tujja eri Kristo, twesigisa Katonda n'enkomerero yaffe ey'olubeerera. Era tulina okumwesiga n'embeera zaffe ez'emabega n'ez'omu kiseera kino. Kristo asobola okutubudaabuda n'okutunyweza mu kugezesebwa kwaffe n'okutuyisamu era asobola okuggya ebirungi mu bubu. Okuyitira mu kukkiriza n'obuwulize bwaffe kwokka Katonda mw'asobola era ajja kutuwa emirembe n'okuleeta ettendo, n'ekitiibwa eri Mukama waffe Yesu Kristo.





Okwagala kye ki?

Singa twesiga obulungi bwa Katonda n'ekigendererwa kye, emitima gyaffe gijja kujjula okwagala, essuubi, n'obwesige bwa Yesu Kristo. Abalala bajja kulaba obutuukirivu bwa Yesu Kristo nga bukolebwa mu ffe.

Ojjukira Abaruumi 8:28–29? Katonda tagamba nti ebintu *ebimu* bikolera wamu olw'eborungi, wabula *byonna*. Ekikulu kwe kukkiriza. Singa tusalawo okukkiriza ebisuubizo bya Katonda n'okumwesiga mu kugezesebwa kwaffe kwonna n'ebibonyoobonyo byaffe, tujja kuba bawanguzi, era Katonda ajja kugulumizibwa. Mu kitundu kino, "eri abo abaagala Katonda" kitegeeza abo abafunye Yesu nga Mukama era Omulokozi, nga muno mulimu okutegeera nti ekigendererwa kya Katonda mu bulamu buno kwe kutununula okuva mu maanyi g'ekibi, ekivvuunulwa okufuuka omuntu asobola okulonda obutuukirivu okusinga obubi, ekitiibwa kidire Katonda.

*Naye Katonda yeebazibwe, atutwala bulijjo ng'abawanguzi mu Kristo, era naatukozesa okumumanyisa mu bantu bonna, ng'evvumbe erisaasanira wonna.*  
(2 Abakkolinso 2:14)

Oli mwetegefu okwesiga Katonda n'okugezesebwa n'okusoomoozebwa mu bulamu bwo? \_\_\_  
Yee \_\_\_ Nedda

Oli mwetegefu okukkiriza Katonda okukyusa obulamu bwo ng'ayita mu kugezesebwa kuno?  
\_\_\_ Yee \_\_\_ Nedda

Oli mwetegefu okwesiga Katonda ng'okola okuyita mu bulumi n'okugezesebwa kuno mu bulamu bwo? \_\_\_ Yee \_\_\_ Nedda

Waliwo ebiseera, Yesu bw'ayogera, Katonda lw'atasobola kukuggyako kizikiza, naye mwesige. Katonda ajja kulabika nga owomukwano atalina kisa, naye si bwe kiri; Ajja kulabika nga Taata atafaayo, naye si bwaali; Ajja kulabika ng'omulamuzi atali mwenkanya, naye si bwe kiri. Kuuma endowooza engamba nti ebirowoozo bya Katonda bili emabega w'ebintu byonna mu ngeri ennywevu era ekula. Tewali kibaawo mu ngeri yonna okuggyako nga okwagala kwa Katonda kuli emabega waakyo, n'olwekyo osobola okuwummulira mu kwesiga okutuukiridde mu ye. — Oswald Chambers, *My Utmost for His Highest (Ekyange Ekisingayo eri Oyo Asinga Obukulu)*.

### **Omuwendo Gw'obutasonyiwa**

Ebbanja bwe lisonyiyibwa, eddembe ly'okusasulwa liweebwayo. Ekigambo *okusonyiwa* kitegeeza butereevu "*okuwaayo*." Singa omuntu annumya ne mmusonyiwa, mpaayo eddembe okweyongera okunyiiga. Kino kimenya ebigo bingi ebivaako obuzibu mu nneewulira n'eby'omwoyo. Okusonyiwa omuntu kitegeeza okuwaayo ebituluma eri Katonda, okumuleka

okubituggyako. Mu ngeri eno tuwaayo ebirowoozo byonna eby'obusungu bye tuyinza okuba nabyo ne tumalawo ebikolwa eby'okwesasuzo.

Nga Katonda bw'atusonyiwa, naffe tusonyiwa omusango. Katonda alagira tusonyiwe abalala nga bwe yatusonyiwa. Ekigambo okusonyiwa kiva mu Lulatini, *perdonare*, ekitegeeza "*okuwaayo ku bwereere*." Okusonyiwa okwa nnamaddala tekusaanidde, era kwa bwereere. Si kifo kyaffe okusalawo eky'obwenkanya—tuyitibwa okusonyiwa. Mu Byawandiikibwa, okwerabira kitegeeza "okuvva ku amaanyi g'omuntu."

Bwe tugaana okusonyiwa, wabaawo omuwendo gwe tulina okusasula. Obutasonyiwa, obutayagala kuleka bisobyo bwe tukkiriza nti omuntu omulala atusobeza, kivaamu embeera embi ey'enneewulira. Ekisinga okubeerawo kwe kunyiiga, ekitegeeza "okuddamu okuwulira." Obusungu bunywerera ku bulumi obwayita, ne buddamu okubuwangaaza enfunda n'enfunda. Obusungu, okufaanako okulonda ekikuta, bugaana ebiwundu byaffe eby'ebirowoozo okuwona.

*mulabe waleme kubaawo omuntu yenna asubwa ekisa kya Katonda, era mwekuume "ekikolo kyonna eky'okukaawa" kiremenga okuloka mu mmwe, okugwagwawaza abangi; (Abaebbulaniya 12:15)*

Obukaawu bulinga ekikolo ekiwanvu ekisimbibwa mu mutima gw'omuntu, oluvannyuma ne kikula ne kibala ebibala. Kyokka, mu kifo ky'okuliisa abalala, ekibala kino ekikaawa kinoona n'abalala.

Abantu abasinga obungi tebakkiriza mangu nti batereka obutasonyiwa, obusungu, oba obukaawu kubanga bakitegeera ng'okwanukula oluvannyuma lw'okulumwa. Embeera yaabwe bagilaba ng'entuufu era banoonya abalala okuwuliriza okwemulugunya kwabwe oba okubasaasira. Abaefeso eyigiriza nti wajja kubaawo obukakafu obutagambika mu bulamu bw'omuntu ssekinnoomu nti omuti ogukaawa ogw'okunyiiga gukula munda mu mutima gwe.

*Okukaawa kwonna n'obusungu n'obukambwe n'okukaayana n'okuvuma bibavengako, awamu n'ettima lyonna. (Abaefeso 4:31 NASB)*

Waliwo ku bino ebitera okubeerawo mu bulamu bwo?

- Amalala
- Okwefuula omutuukirivu
- Okwesaasira
- Okutaataaganyizibwa mu nneewulira
- Okweraliikirira, okusika omuguwa oba situleesi
- Ebizibu by'ebyobulamu
- Obuzibu mu kulya
- Okwekkirizaamu mu ngeri etali nnungi
- Obutabeera na bwesige mu mukwano
- Obutabeera na mukwano mu bufumbo
- Obutakola bulungi mu by'okwegatta
- Okusala omusango oba okunyenya abalala
- Entondo nga kyangu okunyiiga
- Obutabeera na mirembe oba essanyu
- Okuwulira ng'oli wala ne Yesu
- Okutya okukulembera ng'omwami
- Okutya okugoberera ng'omukyala

### Lwaki Osonyiwa?

Ng'oggyeeko okusaanyizibwawo mu nneewulira n'embeera z'abantu okuva mu butasonyiwa, tubanjibwa okusonyiwa.

### Katonda akiragira.

Okugondera Katonda si kya kwesalirawo. Okusalawo ddi lwe tunaagondera ebiragiro bye era ddi lwe tutaagondera ebiragiro bye kituleetera obulamu obutabala bibala, obutakola bulungi, era obugumba mu by'omwoyo.

*Naye mwagalenga abalabe bammwe mubakolenga bulungi, mwazikenga nga temusuubira kubaddiza; n'empeera yammwe eriba nnyingi, nammwe muliba baana b'Oyo Ali waggulu ennyo: kubanga ye mulungi eri abateebaza n'ababi. 36Mube n'ekisa, nga Kitammwe bw'alina ekisa.”(Lukka 6:35–36)*

*Awo bwe munaayimiranga nga musaba, musonyiwenga, bwe mubanga n'ekigambo ku muntu; ne Kitammwe ali mu ggulu abasonyiwe ebyonoono byammwe. (Makko 11:25)*

### FAYIRO y'AMAZIMA

*Ekiruyi—Obusungu  
obw'amaanyi, obw'okwesasuza*

*Obusungu—Embeera  
y'ebirowoozo emanyiddwa  
olw'okweraliikirira n'okukola ku  
kusoomoozebwa kw'obulamu  
n'obunyiivu.*

*Okwogera obubi—Ebigambo  
ebitali bya kisa, okuvuma  
omuntu, okuleekaana,  
okuvvoola, okwonona erinnya  
ly'omuntu olw'amawulire  
amabi, okuvuma, okulimirira,  
n'okutyoboola erinnya lye.*

*Obubi—Enneewulira  
ez'obukyayi ze tukuza mu  
mitima gyaffe. Okwagala  
okulaba omulala  
ng'abonaabona oba  
okweyawula ku muntu oyo, nga  
tetwagala kukola ku  
kutabagana.*

Mu kusonyiwa, twetikka ekifaananyi kya Yesu.

Ng'Abakristaayo, tuyitibwa okutwala erinnya lya Kristo mu nsi eyabula. Ekigambo *Omukristaayo* kitegeeza "Kristo omuto." Kristo yayolesa okusonyiwa, n'ajja ku nsi kuno, n'afa okuteekawo okusonyiyibwa kw'abalina omusango, era n'alagira ekanisa okulangirira okusonyiyibwa. Okusobola okwetikka ekifaananyi kye tulina okuba abeetegefu okusonyiwa abalala nga bw'atusonyiwa.

*Awo Yesu n'agamba nti, "Kitange, basonyiwe; kubanga tebamanya kye bakola."  
Ne bagabana ebyambalo bye, nga bakuba akalulu. (Lukka 23:34)*

*ayogera ng'abeera mu ye kimugwanira naye yennyini okutambulanga era nga ye  
bwe yatambula. (1 Yokana 2:6)*

Okusonyiwa kukomya obulumi, okunenya, n'ebigo.

Okusonyiwa kuleeta okuwona eri omuntu alumizibwa era kukola ng'eddagala eriwonya obutwa bw'obusungu. Kyokka tekukola ku nsonga zonna ez'okunenya n'obwenkanya wabula kutera okusuulirira ddala ensonga ezzo. Obulumi n'okunyiiga birekebwa Katonda, ate ng'okuwaayo okusonyiwa mu buwulize kireeta eddembe era kisobozesa omuntu okutandika obuggya mu mukwano.

Amazima gano galagiddwa mu bulamu bwa Yusufu, obusangibwa mu Olubereberye 37–45. Baganda be ba mulyamu olukwe n'atundibwa mu buddu, yagaana okukkiriza ekikolo ky'obusungu okumera mu bulamu bwe. Oluvannyuma lw'emyaka nga baawukanye, famire ye bweyadamu okusisinkana, Yusufu yawa obujulizi ku mulimu Katonda kwe yali akoze mu bulamu bwe ng'ayita mu kusonyiwa, nga lyolesebwa amannya ga batabani be.

<sup>51</sup>Yusufu n'atuuma omwana omubereberye erinnya Manase; eritegeeza nti, "Katonda anneerabizza ennaku yange yonna." <sup>52</sup>N'ow'okubiri n'amutuuma erinnya Efulayimu; eritegeeza nti, "Katonda anjalizza mu nsi ey'okubonaabona kwange." (Olubereberye 41:51–52 NASB)

Mu kitundu kino, okwerabira tekitegeeza kulekera awo kujjukira. Kitegeeza "okuleka," oba okulekera awo okukkiriza obulumi okufuga obulamu obuliwo kati. Okubala ebibala kwa Yusufu kwalina akakwate butereevu n'okussa obwesige bwe mu bufuzi bwa Katonda n'okusonyiwa abalala. Mu kifo ky'okukubisaamu okulumwa kwe ng'akuwulira enfunda n'enfunda (okunyiiga), Yusufu yasalawo okwesiga Katonda ng'omulabirizi w'ebintu byonna ebibaawo mu bulamu bwe.

Obutasonyiwa kutusibira mu biseera eby'emabega era ne kusiba obusobozi bwonna obw'obulamu obuvaamu ebibala.

Okwagala kye ki?

Emyaka Yusufu gye yamala mu Misiri, yakkiriza Katonda okuwonya omutima ogwali gumenyedwa baganda be bennyini. Oluvannyuma, bwe yaweebwa omukisa, yayolesa okuwona kwe ng'ayita mu bikolwa eby'okwagala, okusonyiwa, n'ekisa eri baganda be.

*<sup>5</sup>Ne kaakano temunakuwala, so temwesunguwalira, kubanga mwantunda muno; kubanga Katonda ye yankulembeza okubawonya mmwe mu kufa. <sup>6</sup>Enjala yaakamala mu nsi emyaka ebiri; ate ekyasigaddeyo etaano, gye batagenda kulimiramu newakubadde okukungula. <sup>15</sup>Yusufu n'anywegera baganda be bonna, nga bw'akaaba amaziga; n'oluvannyuma baganda be ne banyumya naye. (Olubereberye 45:5, 6, 15)*

Tewaaliwo kunenya era tewaaliwo kunnyonnyola kwetaagibwa, eddoboosi lyokka ery'okusaasira n'okusonyiwa. Ekkubo lyaggulwawo Yusufu ne baganda be okuddamu okukolagana batandike omukwano omupya.

*Bwatyo mu mirembe egigenda okujja alyoke alage obugagga obusinga ennyo obw'ekisa kye mu bulungi obuli gyetuli mu Kristo Yesu (Abaefeso 2:7 NASB)*

Okusonyiwa kuleeta eddembe eri bonna abakwatibwako. Katonda yasumulula Yusufu, naye baganda be bandibadde batwala ennaku yaabwe mu ntaana singa Yusufu teyabasonyiwa. Tusonyiwa kubanga Katonda atusonyiwa mu Kristo. Okusonyiwa okwo kwe kumu, okutasaana era okutali kokolere, okutubanjibwa abalala. Kiwummuza omugugu ogw'okunyigiriza gwe tumanyi ng'okwesalira omusango.

Singa Yesu teyalaga kisa n'okusonyiwa aboononyi, ffenna twandibaddewo emirembe gyonna mu muguwa gwo kusalirwa omusango. Yatwala ekigere ekisoka okujja gye tuli, ekyatusobozesa okutabagana naye.

## **Okutabagana**

